Katonda Waliwokko Lw'Akyusa Endowooza Ye Ku Kigambo Kye?

Leka tukoteke emitwe gyaffe. Omwagalwa Mukama waffe Yesu, nate tukuŋŋaanye mu Linnya Lyo, nga tulina okusuubira okw'ekitalo olw'okufukibwako kw'Amaanyi ga Katonda agaleeta obulamu okutusobozesa okutegeera we tuli wamu n'ebifo byaffe, wamu n'obuvunaanyizibwa bwaffe, nga abantu abaayitibwa, abaayawulibwa ku nsi, abeewaddeyo eri Katonda. Tusaba, ayi Mukama, akawungeezi kano, nti emikisa gya Katonda gituluŋŋamye era gitulagirire mu bye tukola oba bye twogera, bisobole okuleeta ekitiibwa n'okugulumizibwa eri Erinnya Lyo. Amiina.

2 Ndi musanyufu okukomawo nate mu kkanisa akawungeezi ka leero n'okubeera awamu nammwe abaagalwa. Kati nkimanyi ebbugumu lingi, naye mbadde nnaakakubira mukyala wange essimu, ndowooza eri gy'ali ate yo ebbugumu liri mu kyenda n'omusobyo, kyenda mu ttaano oba kyenda mu mukaaga awo bwe watyo, kitegeeza eri waliyo ebbugumu lingi nnyo okusinga wano. Kale ŋŋenda mmanyiira embeera y'ebbugumu kati. Kale, naye nsanyuse nnyo okubeera wano mu kkuŋŋaaniro mu kiseera kino ekirungi ekya Paasika.

3 Kati ssisobola kugamba nti nneetonda olw'Obubaka obwo obuwanvu, obuwanvu ennyo obwabuuliddwa ku makya ga leero, naye ssaa . . . Bwabadde, ssaayagadde—ssaayagadde kunyigiriza bugumiikiriza bwammwe kubagamba nti ate era tweyongereyo mu maaso n'obubaka bwe bumu akawungeezi kano. Naye nna—nnabadde njagala ku—kuggusa Bubaka obwo gyemuli, nti muli kitundu ku kuzuukira kuno. Mukiraba? N'olwekyo tebuddamu kubeeraliikiriza, n'akatono, mukiraba. Mubusanyukire busanyukizi! Tewali kintu kyonna, awantu wonna, ekiyinza okubaawukanya nabwo; tewali n'ekimu; obeerako obukuumi obw'Obutaggwaawo mu Bwakabaka bwa Katonda. Kasita Katonda aba nga akutaddeko Envumbo Ye, obeera oyolekedde kutuuka ku nkomerero ya lugendo lwo.

4 Gavumenti bw'esiba envumbo ku kitereke, ab'ekitongole ky'eggaali y'omukka bwe bateeka envumbo ku luggi, ekyana ky'eggaali y'omukka ekyo tekiyinza kutaataaganyizibwa okutuusa nga kituuse gye kiraga.

Ne Katonda bw'asiba Envumbo Ye ku muntu, nga Envumbo eyo ye Mwoyo Omutukuvu, bw'Asiba bw'atyo envumbo ku muntu, omuntu oyo abeera ayolekedde kifo kye eky'emirembe Egitaggwaawo. Omuntu oyo kibeera tekisoboka, era tekirisoboka n'akatono ye okuddayo emabega, nate. Kubanga mujjukire nti, Abaefeso 4:30 wagamba nti, "Temunakuwazanga Omwoyo Omutukuvu wa Katonda, eyabateekebwako nga akabonero akatalibavaako emirembe gyonna." Mukiraba, obeera osibiddwaako envumbo emirembe n'emirembe. Nga osibiddwaako envumbo, ey'emirembe Egitaggwaawo, munda mu Bwakabaka bwa Katonda, n'Omwoyo Omutukuvu. Kati ekyo kirowoozeeko!

5 Kati ku ekyo, ggwe, ssetaani ajja kkukuba eŋŋuumi, era ajja kukwogerera buli kimu, abeeko ne by'akulumiriza, era— era agezeeko okukulowoozesa nti tosibibwangako nvumbo. Naye togeza okumuwuliriza.

6 Kati, mukimanyi nti mwasala okuva mu kufa ne mudda mu Bulamu. Mukimanyi nti ebintu bye mwayagalanga edda, kati temukyabyagala. Mukimanyi nti mukkirizza buli Kigambo kya Katonda. Mulabye Katonda nga akola mu makkati gaffe, awatali . . . N'obukakafu obutawakanyizika nti Ye "NDI" omukulu. Mukirabye nti buli ekyali kyogeddwa mu Linnya Lye, tewali kintu kyonna kyali kiraguddwa mu Linnya Lye ne kitatuukirira ddala nga bwe kyayogerwa. K'abeere ssaayansi, ka zibeere empapula z'amawulire, ka bibeere ebifaananyi, ka zibeere zi kkamera, ka babeere abawandiisi, n'ebirala byonna, byonna birina okukikakasa. Mukiraba, si nsonga oba baagala oba tebaagala, Katonda abaleetera okukikakasa, mu buli ngeri, mukiraba, kisobole okumanyika.

7 Kati, kajja kuba kabiina katono. Mujjukire nti, ekibiina ky'Ajja okunona tekigenda kuba kinene. "Temutya, mmwe ekisibo ekitono; kubanga kusiima kwa Kitammwe . . . " Olaba?

8 Njagala okubalekerayo ekigambo, ekiwuniikiriza, nga tetunnaba kwawula muweereza. Kati kino kikangira ddala, naye musaanye mukimanye. Kati, ssigamba nti gino gye miwendo gyennyini nga bwe giri, naye nnandyagadde kino nkibalekere.

9 Ssimanyi oba muno mulimu ku bantu abaali balabye engeri gye batabulamu olulyo lw'ente emu n'olw'endala. Ekyo, yadde ssikikkiririzaamu, naye nnali nkirabyeko nga kikolebwa. Era nnabalaba nga batoola ku nkwaso y'ente ennume, nga ttondo butondo, erisobola okugendera ku kuuma akenkana n'akati akasokoola amannyo, ne baziteeka ku kalawuli. Ne bakyuusa ebirawuli ebyo ebizizimbulukusa, ssimanyi oba emirundi emeka, okutuusa enkwaso ezo . . . Ggwe w'otoyinza kubaako kintu kyonna ky'olaba na maaso meereere, oba gaalubindi eza bulijjo. Naye bwe zizimbulukusibwa, emirundi kikumi oba kikumi mu ataano, obeera osobola okulaba mu ttondo erimu eryo,

ery'enkwaso, obuweke obutono nga ataano oba kikumi nga buzannya muli bwetooloola. Bwe kityo, ne mu nte enkazi muvaamu amagi mangi, mu—mu nkwaso. Kati, enkwaso zombi bwe zi—bwe zigattibwa awamu, kati, obuweke obubiri obusooka okusisinkana ne bukwatagana wamu . . .

10 Wabaawo akaweke kamu kokka okuva mu kakadde akalamba akabeera kagenda okulama. Ekyo mwali mukirowoozezzaako? Enkwaso ezo zonna ziba zifaanagana, nga n'amagi gafaanagana, nga byombi bifaanagana ku njuyi zombiriri, naye ku buli ludda enkwaso emu n'eggi limu byokka bye biba bigenda okulama. Ate ekyo tekisinziira ku nkwaso ki oba ggi ki erinaasookayo. Kubanga, oluusi eggi, liyinza okuba liri mabega ddala eri awasemba, nga ate akaweke k'obulamu mu nkwaso kali mu makkati g'enkwaso, naye bijja kuwuga bisisinkane. Kyeetagisa Kutegeera okwa waggulu okusobola okumanya oba anaaba mulenzi oba muwala, oba wa nviiri mmyuufu, oba nzirugavu, oba ekirala kyonna. Okwo kuba kulonda kwa Katonda. Tekiyinza kuba kirala kyonna. Kulondebwa!

11 Ne mu kuzaalibwa okw'obutonde, era kuba kulondebwa, oba anaaba mulenzi oba muwala, oba kyonna ky'anaabeera. Kati akaweke k'enkwaso ako bwe kaseeyeeya ne kayingira mu kagi kano, olwo nga akakira kakutukako, nga katandika okubumbibwamu enkizi y'omwana okusinziira ku kiki kye kali; oba nsolo, oba mwana, oba kyonna kye kali. Naye obuweke buli obulala obusigaddewo akakadde akalamba . . . Gabeera amagi akakadde kalamba, n'obuweke akakadde kalamba, naye ku bwonna kamu kokka ke kalama ku buli ludda. Bwonna buba bufaanagana, naye Katonda y'alondako akagenda okulama, olwo obusigadde bwonna ne busaanawo. Kamu okuva mu kakadde akalamba!

12 Isiraeri bwe baava e Misiri, bonna baali bakkiririza mu bubaka bwa nnabbi omu. Baalaba obubonero bwa Katonda, obwakolebwa okuyita mu Musa. Buli omu ku bo yabulaba. Era buli omu ku bo yafuluma Misiri, n'asomoka Ennyanja Emmyuufu, era n'abatizibwa mu Musa. Buli omu yalaba amaanyi ga Katonda nga gamukomako, bwe yayimbira mu Mwoyo; Miryamu bwe yakuba enseege, nga bwe yeetalira ku lubalama. Buli omu ku bo, buli kiro, yalya emmaanu ensu, eyatonnyanga okuva waggulu. Buli omu ku bo yanywa okuva mu Lwazi olwo olw'omwoyo olwakubibwa. Era waaliwo abantu obukadde bubiri abaava e Misiri. Naye bameka abaatuuka mu nsi ensuubize? Babiri. Omu omu okuva ku buli kakadde akalamba! Abasigadde bonna bali ludda wa? Yesu yagamba baazikirira. "Bajjajjammwe baalya emmaanu mu ddungu, okumala ebbanga lya myaka asatu, naye mbagamba nti bonna baafa."

13 Kati waliwo abagoberezi ba Kristo obukadde nga bitaano mu nsi yonna olwa leero, nga obaze Abakatuliki, Abapolotesitante, n'abalala bonna. Ssinga Yesu ajja mu Kukwakkulibwa okwo, okusinziira ku kye nnaakamala okwogera, wabaawo abantu bitaano ababulawo mu nsi yonna akawungeezi kano, abagenda mu Kukwakkulibwa. Era kabe kasinge bawera omuwendo ogwo buli lunaku, bw'obala amawanga gonna, abatamanyibwako mayitire. N'olwekyo kisobola okubaawo akaseera konna, mukiraba.

14 O, Abakristaayo, leka twesibe eby'okulwanyisa bya Katonda. Leka tukole byonna bye tumanyi, okumuweereza, okumwagala, tulindirire akaseera ako akakulu.

15 Kati, tewagenda kubaawo bukadde na nnamungi wa bantu baliyingirayo nga bava mu mulembe gumu. Te—tekisoboka.

Kati, mujjukire nti, buli lunaku lubaako omulembe gwe luweza, buli lunaku. "Nga bwe kyali mu biro bya Nuuwa, bwe kityo bwe kiriba ne mu kujja kw'Omwana w'omuntu, amazzi mwe gaalokola emmeeme omunaana." Naye buli lunaku wabaawo gwe luwereza emyaka amakumi ana, eri abamu. Mukiraba? Era buli lunaku, wabaawo abasibibwako envumbo okuyingira mu Bwakabaka. Lumu, olunaku olusembayo lulituuka.

Leka tubeere bakakafu kaakati, nga tukyategeera. Era nga tuli mu kkanisa, ne mu bantu, Omwoyo Omutukuvu mwe Yeeyolekedde ddala awamu naffe, leka tukakase nti ebintu byonna biri bulungi, era bisigale nga biri bulungi, mu maaso Ge.

16 Tolekera awo. Towummula, emisana n'ekiro, okutuusa nga Amaanyi ago agaleeta obulamu gakujje ku bintu by'ensi, ne gakuyingiza mu Bwakabaka bwa Katonda. Ate mmwe nga ddala mwayingizibwa mu Bwakabaka bwa Katonda ne mufuulibwa abalamu n'Omwoyo wa Katonda, nga mwesiimye! N'amaziga ag'essanyu tusaanidde okubeeranga ku maviivi gaffe, emisana n'ekiro, nga twebaza Katonda olw'ebyo by'Akoze.

17 Akawungeezi kano tulinamu enkyukakyuka entonotono mu lukuŋŋaana. Tulina muganda waffe omulungi wano, Ow'oluganda Capps. Yajja gye tuli nga ava mu kkanisa y'Abanazaliini. Kati ndowooza ekyo bwe kiri, Ow'oluganda Capps? Ayagala akawungeezi kano tumwawule mu buweereza, nga tumussaako emikono.

18 Tetulina mabaluwa ga kuwa muntu yenna, so nga ate twakakasibwa nga . . . Twandibadde n'amabaluwa ge tubawa, naye tukkiriza nti omuweereza omutuufu, eyayawulibwa, amabaluwa ge agamwogerako gali mu Ggulu. Mukiraba? Era wa—wa ddembe okubuulira Bayibuli kasita Katonda aba nga akakasa obulamu bwe n'ebyo ebiri mu Bayibuli. Tukkiriza nti ebyo bye bimwogerako.

19 Kale, kati, Ow'oluganda Capps mu butongole yayawulibwa mu buweereza mu—mu kkanisa y'Abanazaliini, naye akawungeezi kano ayagala abakadde, n'abalala, tumusseeko emikono nga tumwawula mu buweereza, okusobola okubunyisa Obubaka buno. Nga kintu kya buzira!

20 Mpu—mpuliddenga amawulire okumala ebbanga lye mmaze mu Tucson, era nga mawulire malungi nnyo, ku W'oluganda Capps ono wano engeri gy'ayambyengamu Muganda waffe omwagalwa Neville, akutte ettabaaza y'Ekitangaala mu ngeri ey'obuzira nga abasajja bano ababiri bwe basobodde okugiwanirira. Ow'oluganda Neville ye twamuteekako emikono, naye Ow'oluganda Capps tubadde tetumuteekangako mikono. Kati njagala abaweereza, Ow'oluganda Jackson n'abalala, bwe baba weebali wano, n'Ow'oluganda Ruddell n'abakadde b'ekkanisa eno, bajje wano kaakano mu ddakiika entonotono, tuteeke emikono ku W'oluganda Capps. Era nate . . .

21 Kati tukiraba, nti mu Bayibuli, eyo ye ngeri gye baakikolangamu, baabassangako emikono ne babaawula. Era eyo ye ngeri gye baakolamu Timoseewo. Kigamba nti, "Olw'ekirabo kino ekyakulimu, okuviira ddala ku jjajjaawo omukazi Looyi . . ." Baali baakiraba, nti omusajja yalimu ekirabo, ekyali kyajja gy'ali okuyita mu bakadde, nga bamussaako emikono.

22 Kati, ab'oluganda ab'enzikiriza ey'ennaku ez'oluvannyuma, ab'oluganda ab'enzikiriza ey'enkuba ey'ennaku ez'oluvannyuma, ekyo, bambi, baakitabula. Baalowooza nti abakadde mu kukola ekyo, be baali bamuwa ekirabo ekyo. Nedda, ekirabo kyasangibwa kimulimu, bo ne bamussaako bussa mikono nga ekikakasa nti bakkiriza nga Katonda yamala dda okussa ekirabo ekyo mu ye. Bo ne bakikakasa, nga bamussaako emikono.

23 Kale n'abasajja bano abali wano mu kkanisa eno, be nzikiriza nti mu mmeeme zaabwe balina Amaanyi Ge agaleeta obulamu; musobola okusembera wano ab'oluganda, Ow'oluganda Ruddell n'abalala mwenna abali wano mu kkanisa, n'abakadde n'amakanisa amalala bwe tukolagana agakiikiriddwa, okuteeka emikono ku W'oluganda Capps, asobole okwawulibwa nga tumukakasa, mu maaso g'ekibiina kino, era atumibwe okugenda abuulire Enjiri ya Mukama waffe Yesu, yonna Katonda gy'anaamuyita. Afuuke . . .

Asangiddwa ali omu ku ffe, okuyita mu Kuzaalibwa. Ali omu ku ffe kubanga yakkiriza Obubaka. Ali omu ku ffe kubanga a—ayimiridde ku lw'Amazima g'Ekigambo. Na bwe kityo twagala Ow'oluganda Capps ayawulibwe mu butongole, mu maaso gammwe, nga assibwaako emikono, nti ali omu ku ffe.

Kale, Ow'oluganda Ruddell, Ow'oluganda Capps, Ow'oluganda Neville. Ow'oluganda Junior Jackson, na buli

muweereza yenna ali wano, ssimanyi oba baweereza bameka abali wano. Ssimanyi . . . Ndowooza nabo balinayo enkuŋŋaana ez'okusaba akawungeezi ka leero mu makanisa gaabwe. Kale sembera wano eno, Ow'oluganda Capps.

Kati Ow'oluganda Hunter n'abalala okuva mu New York baliwa, si . . . Ow'oluganda Anthony? Ndowooza bazzeeyo. [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Ow'oluganda Anthony wuuli eri emabega."—Omuk.]

N'omuweereza omulala yenna mu mmwe abali wano, ali naffe, weewaawo, kyandituwadde essanyu singa ojja wano n'oyimirira wamu naffe, okulaga obukakafu nti tukkiriza Ow'oluganda Capps okuba . . .

Bameka ku mmwe wano abamanyi Ow'oluganda Capps? Yimusa omukono gwo. Kale, guteeke wansi. Bameka abakkiriza nti muweereza wa Katonda? Muyimuse emikono gyammwe. Tumwagala, nga muganda waffe.

24 Kaakati eno si ye ngeri entuufu yennyini gye twandiyise okwawula, naye njagala ekibiina kino, oluyimba luno ssisobola kuluyimba, naye njagala munnyambe tulugezeeko.

25 Lugamba nti lumu waliwo nnabbi eyagenda ku kyoto, mu yeekaalu. Era nga ali eyo mu yeekaalu . . . Kati yali musajja mulungi bulijjo, naye yabeeranga yeesigama ku busobozi bwa kabaka Uziya, naye nga—nga musajja mulungi. Naye kati, lumu, bwe yali mu yeekaalu, alina kye yalaba, bwe yayingira mu kwolesebwa, kye yali talabangako. Yalaba Bamalayika, nga babuuka n'ebiwaawaatiro, nga bwe badda eno n'eri, mu kizimbe, nga bwe boogerera waggulu nti, "Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, Mukama Katonda Omuyinza w'ebintu byonna!" (Jangu eno, ow'oluganda. Yee. Olaba?) "Mutukuvu, mutukuvu, mutukuvu, Mukama Katonda Omuyinza w'ebintu byonna!" (Ben.)

26 Ekyo bwe yakiraba, empagi z'omu yeekaalu zaali ziyuuguuma. N'agamba nti, "Zinsanze nze! Kubanga ndi muntu ow'emimwa egitali mirongoofu." Mu Kubeerawo kwa Katonda yakitegeera, nti newankubadde yali nnabbi, yalinga musobya. N'agamba nti, "Ndi muntu ow'emimwa egitali mirongoofu, era mbeera mu bantu ab'emimwa egitali mirongoofu."

27 Awo omu ku Bamalayika n'abuuka, n'atoola eryanda ly'Omuliro n'akoma ku mimwa gye, n'agamba nti, "Lagula, ggwe omwana w'omuntu!"

Osobola okutuwa eddoboozi ly'oluyimba olwo, mwannyinaffe, bw'oba osobodde. Oluyimba olwo bameka abalumanyi? Leka tuluyimbeko, ekitundu kimu. Kale.

Eryanda ly'Omuliro bwe lyakoma ku nnabbi,
Ne limulongoosereza ddala yenna,
Eddoboozi lya Katonda bwe lyabuuza nti, "Ani anaatugendera?"
Awo n'ayanukula nti, "Nzuuno, ntuma."

[Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.] . . . yogera, Mukama wange,
Yogera, nange nnaayanguwa okukwanukula;
Yogera, Mukama wange, yogera, Mukama wange,
Yogera, nange nnaayanukula nti, "Mukama, ntuma."

Abantu bukadde na bukadde mu kaseera kano bafiira mu kibi n'ensonyi,
Wulira omulanga gwabwe ogw'ennaku;
Yanguwa, ow'oluganda, yanguwa obataase;
Yanukula mu bwangu ddala nti, "Mukama wange, nzuuno."

Yogera, Mukama wange, yogera, Mukama wange,
Yogera, nange nnaayanguwa okukwanukula;
Yogera, Mukama wange, yogera, Mukama wange,
Yogera, nange nnaayanukula nti, "Mukama, ntuma."

Kaakano leka abakadde beetooloole bateeke emikono ku W'oluganda Capps. Leka ffenna tukoteke emitwe gyaffe.

28 Ayi Katonda Omwagalwa, empagi za yeekaalu nate zizzeemu okuyuuguuma, era naffe tulabye Omwoyo aleeta Obulamu nga akolera mu muganda waffe. Nkusaba, ayi Katonda, nga bw'awulira okulumirizibwa kuno okuva Waggulu, okumugamba nti ateekwa okugenda. Tumussaako emikono, nga abakadde Bo, ayi Mukama, nga tumuwa omukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu; era tumussaako emikono gyaffe, nga tumusabira emikisa gya Katonda okumukkako, Ofuke amafuta ku mimwa gye, ku ndowooza ye, ku bulamu bwe bwonna. Era leka atwale Obubaka buno obw'Enjiri mu buli kanyomero ne mu buli kafo konna gy'On'omutuma okugenda. Kikole, ayi Mukama. Tukuwa muganda waffe, nga omuweereza Wo, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

29 "Buulira Ekigambo," muto wange. "Kubirizanga mu bbanga erisaaniramu, n'eritasaaniramu; weranga, nnenyanga, n'okugumiikiriza okutakkeŋŋentererwa kwonna wamu n'Okuyigiriza." Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda.

30 [Ow'oluganda Ben Bryant agamba nti, "Ow'oluganda Branham, nange osobola okunteekako emikono? Nange basobola

okunteekako emikono? Nange nnandyagadde njawulibwe."—Omuk.] Wali . . . ? Mbadde ssimanyi nti toyawulibwanga.

Ow'oluganda Ben, wano, azze gye tuli. Ndowooza amaze ebbanga eriwerako nga abuulira. Naye nga, tayawulibwanga mu butongole, oba okussibwako emikono wano. (Nnabadde ndowooza nti yayawulibwa; ye nsonga lwaki nnammuyise ajje wano.)

31 Kati, mukyala w'Ow'oluganda Ben waali wano, era mwagalwa nnyo. Yali mubuulizi omukazi. Naye bwe baafumbiriganwa ne muganda waffe, n'amuleeta mu kkuŋŋaaniro, bwe yalaba era n'awulira Ekigambo, so nga yali mukyala mulungi alina embeera ez'obuntu ennungi, naye bwe yakiraba nti kikyamu abakazi okukola ekyo, ogw'okubuulira n'agussa ku bbali; bwe butyo obuvunaanyizibwa ne kirabika nga obwadda ku bba. Ekyo kituufu. Ekyo kya nkola y'abatume. Bwe kityo bwe kirina okuba.

32 Nga bwe nkimanyi, Ow'oluganda Ben atwala entambi, wamu ne mukyala we. Ne bagenda eyo mu-. . . eyo mu bifo eby'ewala, eyo emabega mu nsozi, munda mu bibira, ne bateekako entambi zino ne zizannya bwe bamala ne babaako ne kye bazoogerako. Emirundi mingi bagobebwa, bagoberwa ebweru, basindiikirizibwa ebweru. Ekyo tukisuubira. "Kubanga abo bonna abatambulira mu kutya Katonda mu Kristo Yesu banaayigganyizibwanga."

33 Bameka wano abamanyi Ow'oluganda Ben? Bameka abamukkiriza nti muweereza wa Katonda, asaanidde emikisa gino gye tugenda okumusabira eri Katonda? Mulaba, si mupya gye tuli. Abadde naffe okumala emyaka n'emyaka. Mmumanyi nga omusajja omwetoowaze. Ali nga nze; akola ensobi nnyingi. Ffenna tuzikola. Naye Ow'oluganda Ben kye mmwagalako, bulijjo mwetegefu ne bwe kiba kyetaagisa okwavulira ku maviivi okutereeza ensobi eyo.

Era bwe yawulira, luli, ku *Kufumbiriganwa n'Okwawukana*, ye ne mukyala we baali beetegefu okwawukana, kubanga omwami ayagala mukyala we, ate ne mukyala we naye ayagala bba, naye baali baagala batereere n'Ekigambo kya Katonda. Kyonna Ekigambo kye kigamba, nga kye baagala bakole. Nsaba Katonda awe Ben ne mukyala we omukisa, ogw'okumuweereza.

Leka tuteeke emikono gyaffe ku muganda waffe.

34 Ayi Katonda Omwagalwa, tuteeka emikono gyaffe ku Muganda waffe Ben, nga akabonero akalaga nti tumwagala. Era tukkiriza, ayi Mukama, nti mwetegefu okukukolera omulimu, okutumibwanga okugenda n'entambi zino, abeere nga azizannya eri abantu abo ababeera mu nsozi eyo ewala ob'olyawo abamu ku ffe gye tutaalisobodde kugenda, naye ate nga Obubaka buteekwa okutuuka mu nsi yonna. Tusaba Owe muganda waffe omukisa, era omuwe n'Omwoyo Wo, era leka Amukkeko. Amuluŋŋamye,

era amukulembere ne mukyala we abatwale mu bifo ebyo ob'olyawo emmeeme eyo emu gy'eri, kubanga enzigi teziyinza kuggalwawo okutuusa nga endiga eyo emu emaze okuyingira. Toli mumativu na kubeera na kyenda mu mwenda. E . . . Buli linnya eriri mu Kitabo liteekwa okuyingizibwa. Bayambe, ayi Mukama, nga bwe tumuteekako emikono, nga akolaganira wamu naffe nga muganda waffe. N'obuyambi bwaffe n'essaala ze tunaamusabiranga, binaagendanga naye. Era tukusaba Omuwe omukisa, ayi Mukama, buli yonna gy'anagendanga. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Akuwe omukisa, Ow'oluganda Ben! Tukuwa omukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu, nga ab'oluganda baweereza banno. Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda.

35 [Ow'oluganda Earl Martin agamba nti, "Ow'oluganda Branham, nange osobola okunteekako emikono, njawulibwe ku mulimu gw'obusumba?"—Omuk.] John Martin . . . ["Earl."] Earl.

Bameka abamanyi Earl Martin? Bameka abamukkiriza nti muweereza wa Kristo? Yajja gye tuli nga ava mu . . . Nzikiriza, okusooka yava, mu kibinja kya Bapentekoote, naye kati ndowooza asumba era akola omulimu nga yeetongodde.

36 Earl mmumanyi nga omuweereza wa Kristo yennyini. Waliwo kye ssirimwerabirako, akoze bingi, naye waliwo ekintu kimu Earl kye yakola. Nzijukira lumu ekiro kimu baamukubira essimu bwe nnali mu Dallas, Texas; manyanga ndo—ndowooza, nedda, nnali . . . [Waliwo mwannyinaffe agamba nti, "Beaumont."—Omuk.] Beaumont, Texas, weewaawo, mwannyinaze. Ne ba—ba . . . Omwana we yali ku ndiri, nga afa, baali balowooza nti yafudde na dda. Yali takyassa. Earl n'ajja mu kisenge kyange, nga omuzadde, nga akutamye, n'akutama mu maaso gange, nga nkyali mu buliri. Ne mbuvaamu; n'anvumbagira n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda, nzikiriza nga oli nnabbi wa Katonda. Ekyo bulijjo kye nzikiriza. Era ssinga onooyogera bwogezi kigambo, omwana wange newankubadde yafudde, anaaba mulamu." Era omwana we yadda engulu, na kati mulamu.

37 Mukkiriza nti asaanidde okuweebwa omukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu ogw'abakkiriza bano? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.]

Leka tusabe, ab'oluganda, nga bwe tumussaako emikono.

38 Kitaffe ow'ekisa ali mu Ggulu, tuddamu nate, okuteeka emikono, ku Muganda waffe Martin. Tumutuma, ayi Mukama, mu bitundu by'ensi eby'ewala eyo gye Wamutegekera okugenda; ka wabe wa yonna, eri abangi oba abatono, mu bukubo obutono, mu nguudo ennene, mu nsokolosokolo, bw'aba gy'agenze. Yonna yonna gy'anaagenda, ayi Mukama, tusaba emikisa Gyo gibeere naye. Tumussaako emikono gyaffe nga bwe tumwagaliza Omuteeremu obwangu era nga tumuwa emikisa gyaffe, nga

tusaba nti Omwoyo oyo ali ku ffe, ayi Mukama, agendenga naye, era amuluŋŋamyenga era amulagirirenga awali emmeeme ezaabula eziri eyo mu nsokolosokolo ne ku nguudo ennene. Tumutuma mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Martin. Genda kaakano, era Mukama abeere naawe.

39 Naawe nsonga y'emu? [Ow'oluganda Richard Blair ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Erinnya lyo ggwe Richard? ["Weewaawo. Richard Blair."] Bameka abamanyi Richard Blair? Bameka abamukkiriza nti muweereza wa Katonda? Yava mu—mu kibinja ky'amakanisa ga ba United Pentecostal.

Era ow'oluganda, Ow'oluganda Blair, nzijukira okuyitibwa kwe, okw'amaanyi. Nzijukira ekiseera ow'oluganda Blair bwe yali tayagala, bwe yali tayagala kunzikiriza, kubanga waaliwo omwoyo ogwali gumukozesa, nga gumugamba mbu ndi wa bulimba. Naye lumu yali atudde mu lukuŋŋaana, Omwoyo Omutukuvu n'akyuka n'abikkula omwoyo ogwo n'agwasanguza. Era kaabula kata a—atabuke omutwe, nga omwoyo ogwo gwe gwali gumutuusizza mu mbeera eyo.

Era nzijukira olumu mukyala we omwagalwa lwe yankubira essimu. N'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, kirabika Richard agenda kufa." Yali alina, ndowooza, kaali kaleesu. N'agenda n'akamussaako, nga bwe nnamugamba, ne nsaba. Kati wuuno wano.

40 Waliwo akaana akato akaali kagudde ku kabenje, manyanga, [Ow'oluganda Blair agamba nti, "Mutabani wange."—Omuk.] yali mutabani we, yali agudde ku kabenje, nga tebakyalina ssuubi lyonna nti anaawona, olw'obukosefu bwe yafuna ku bwongo. Naye okuyita mu kusaba, nga tusabira na ku ssimu, omwana n'awonyezebwa.

Mukkiriza nga Ow'oluganda Blair mujulirwa mutuufu owa Kristo? [Ekibiina ne kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Mumusabire emikisa gyammwe gigendenga naye.

Ab'oluganda, mumusseeko emikono.

41 Ayi Katonda Omwagalwa, okukakasa muganda waffe ow'ekisa era omuntumulamu, omuweereza Wo, eyava ne mu kibiina kye, okujja atambulire mu Musana. Kitaffe, tukusaba Owe Muganda waffe Blair omukisa, nga bwe tumutuma n'emikisa gyaffe nga tumukakasa, n'okumussaako emikono gyaffe, okugenda eyo yonna gy'Onooba omusindise, ayi Mukama, eri buli mulimu gwonna. Leka Omwoyo Wo agende n'Ow'oluganda Blair. Mmuluŋŋamye era omulagirire eri abaabula n'abali mu kufa ab'omu nsi eno, asobole okuyamba okuzuula endiga eyo eyabula, asobole okugikomyawo mu kisibo. Yonna yonna gy'Onooba omututte, byonna by'omutegekedde, ayi Mukama, tusaba kimu kyokka Omwoyo Wo amuluŋŋamye

era amukulembere mu lugendo lw'obulamu bwe bwonna. Tuli baganda be. Nga tumuwa omukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu, tukusaba Ogende naye, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Omukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu! Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Blair. Tuli naawe, kikumi ku kikumi, tukusabira era tujja kukola kyonna kye tusobola okukuyamba mu lugendo. Katonda akuwe omukisa.

42 [Ow'oluganda Merlin Anthon agamba nti, "Nange nsonga y'emu, Ow'oluganda Branham, kwawulibwa."—Omuk.] Ogambye ki? ["Kwawulibwa."] Ggwe ani? ["Merlin Anthon."] Merlin Anthon. ["Ndi mu kkanisa."] Ludda wa? ["Mu kkanisa ya wano."] Mu kkanisa. Waliwo amanyi Ow'oluganda Merlin Anthon? Mupya, gyendi. ["Nnali n'aba Salvation Army. Onzijukidde?"] O, weewaawo. Nsonyiwa, ow'oluganda.

Yava mu ba Salvation Army, wamma, mmujjukira. Ddala, kati mmutegedde. Mbadde . . . Tandabikidde nga gwe mmanyi okusooka, ku mulundi guno. Bameka abamumanyi nti musajja wa Katonda? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Bameka abakkiriza nti—nti Katonda akolera wamu naye? Muyimuse emikono gyammwe. ["Amiina."] Munaamusabiranga? ["Amiina."]

43 Kati, ow'oluganda, tumanyi nti ova mu kibiina ky'abantu eky'amaanyi, Salvation Army, bantu ab'amaanyi. Naye, ate era, naye aba Salvation Army bakola omulimu gwa maanyi ddala ku nguudo. Tetulina kabi ke tuyinza kwogera ku ba Nazaliini, ekkanisa y'Abapentekoote, oba aba Salvation Army, oba emu ku zo; abo baganda baffe. Naye, olaba, tukkiriza nti ffe twetisse Obubaka obukulu obw'ekiseera kino ekikulu kye tulimu. Omulimu ogwo wandyagadde okugukola naffe? [Ow'oluganda Anthon addamu nti, "Amiina."—Omuk.]

Leka tukoteke emitwe gyaffe nga bwe tussa emikono ku muganda waffe.

44 Ayi Kitaffe Omwagalwa ow'omu Ggulu, Ye Ggwe okola ogw'okuyita. Ye Ggwe aleeta obulamu mu Kigambo, basobole okukkiriza. Era tussa emikono gyaffe ku muganda waffe ono omwagalwa, nga okukakasa nti tukkiriza nti Oli naye era ojja kumuyamba. Tumutuma okugenda n'emikisa gyaffe, nti ffe abakkiriza twava mu kufa okudda mu Bulamu era nga kaakano tulina Amaanyi agaleeta obulamu mu mitima gyaffe, olw'ekisa kya Katonda, tussa emikono gyaffe ku muganda waffe era tumutuma okugenda n'emikisa gyaffe, Omuluŋŋamye era omukulembere era omulagirire mu buli kafo konna mu nsi, ayi Mukama, gye Wamulondera okugenda. Tusaba Omwoyo Wo agende naye era amuwe obulamu, amaanyi, n'obuwanguzi mu buweereza bwe, kubanga tumutuma mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

45 Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Omanyi, ogwo gwe mukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu, ab'oluganda mumukwateko mu ngalo, bwe mutyo ab'oluganda. Osobole okuba nti . . . Kale, Mukama abawe omukisa mwenna.

46 [Ow'oluganda Carrell agamba nti, "Nange—nange ssaawulwanga, mu butongole. Njagala munteekeko emikono, nga bwe mukoze bali, mu Linnya lya Yesu."—Omuk.] Ggwe, kyonna ky'oyagala. Ate ekikyo . . . ["Kye kiseera, nange mbeere nga bo."] Kozzi erinnya lyo ye ggwe ani? ["Ow'oluganda Carrell, nva mu Cincinnati."] Ow'oluganda Carrell.

[Ow'oluganda Carrell agamba nti, "Nnali muweereza eyayawulibwa, naye ne ssisobola kukkiriziganya n'ow'oluganda eyali ayawula abakazi okufuuka abaweereza, kye nnava nkyawukanako."—Omuk.]

Ono ye W'oluganda Carrell ava e Cincinnati. Waliwo omuntu yenna amanyi Ow'oluganda Carrell, yimusa o . . . Nga bwe kiri nti ava mu Cincinnati, ssirowooza, nga waliwo omuntu yenna amumanyi. Agamba nti alina ekibiina kye yali nakyo, naye ekibiina ekyo nga baagala okwawula abakazi okubafuula abaweereza. Ekyo n'atayinza kukigumiikiriza, kwe kubaawukanako.

Bwentyo ddala nange bwe nnayawukana ku ba Missionary Baptists. Dokita Roy E. Davis, bameka abaali bamuwuliddeko? Ddala, mwali mumuwuliddeko, olaba. Waliwo abakazi be yali ayagala okwawula bafuuke ababuulizi, ne mmugamba nti, "Nedda, ssebo. Nga omukadde," ne ŋŋamba nti, "ekyo ssisobola kukikola, nga ndi mu kutegeera kwange. Kimenya Ekigambo kya Katonda."

47 Nze ssikumanyi, Ow'oluganda Carrell. Naye okusinziira ku bujulizi bwo, n'Amazima ago kw'oyimiriridde . . . Abakazi tetubalinaako kabi. Bannyinaffe. Tubaagala. Naye tukkiriza nti balina ekifo kyabwe, era omwo mwe bateekwa okusigala. Olaba? Era tukkiriza nti ba kubeera ba kabiite eri babbaabwe, babeezi. Naye tewali ngeri yonna . . . Tubatwala okuba nga kye kirabo ekisinga obukulu, Katonda kye yali awadde omusajja, nga oggyeeko obulokozi. Naye omukazi talina kifo kyonna mu kituuti, okusinziira ku Kigambo kya Katonda. Kale okusinziira ku ekyo, awamu n'okukkiriza kwo mu Katonda, tukussaako emikono, mu ngeri ey'okussa ekimu, okujja otambule naffe.

Leka tumusseeko emikono gyaffe.

48 Ayi Kitaffe omwagalwa ow'omu Ggulu! Omuvubuka ono, kabekasinge nsobola okumanya bw'awulira. Asindiikiriziddwa n'agoberwa ebweru olw'Amazima gennyini. Agagamba nti, "Omuntu taabenga mulamu lwa mmere yokka, wabula olwa buli Kigambo." Na bwe kityo tumussaako emikono, nga tumussaako emikisa gyaffe. Leka Omwoyo Wo amukulembere, amuluŋŋamye, era amulagirire mu lugendo lwonna olw'obulamu okutuuka

eyo yonna gy'Onaamutuma, ayi Mukama. Leka ategeere nti tumusabira, era nti tujja kumuyamba, era tumuwagire kasita anaasigala nga akyayimiridde ku Mazima. Kituwe, ayi Mukama. Tumutuma, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Carrell.

Leka bakusseeko emikono, bonna. Mwenna mumuwe omukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu olw'ensonga eyo.

49 Ow'oluganda Ruddell, ono wano, tayawulibwanga mu butongole wano mu kkanisa. Ki . . . Bameka abamanyi Ow'oluganda Ruddell? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ffenna tumumanyi. Bameka abamumanyi nti musajja wa Katonda? ["Amiina."]

Ayi Kitaffe Omwagalwa ow'omu Ggulu, leka kibeere bwe kityo nga abakadde Bo bwe bassa emikono ku w'oluganda ono ayise mu mazzi amangi, ag'ettosi. Alabye ekibiina kye nga kiwaba. Alabye buli kimu nga kigenda mu maaso, naye n'asigala nga akkiriza. Wadde nga . . . ? . . . Tumussaako emikono gyaffe, era tumussaako emikisa gyaffe. Mufukeeko amafuta, ayi Mukama, mu ngeri ey'amaanyi, n'Ekigambo, ayi Mukama, era omutume eri buli kanyomero ka nsi! . . . ? . . . gamubeereko era gamuyambe. Era omutume, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

50 Ow'oluganda Ruddell, bulijjo omukono gwaffe ogwa ddyo ogw'okussa ekimu gubaddenga naawe. Ow'oluganda Ruddell mmumanyi. Kyenkana alinga—mutabani wange yennyini. Nze ne kitaawe, ne nnyina, tumanyiganye okumala ebbanga ddene. Era Ow'oluganda Ruddell mmumanyi nga omuweereza wa Katonda. Mpeerezza wamu naye. Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Ruddell.

51 Erinnya lye y'ani? Ggwe ani, ow'oluganda? [Waliwo agamba nti, "Mukoddomi w'Ow'oluganda Martin."—Omuk.] Ow'oluganda Martin, omumanyi, Ow'oluganda Martin?

Erinnya lyo ggwe ani? [Ow'oluganda addamu nti, "Levulandi McComas."—Omuk.] Ow'oluganda McComas. Ndowooza wano tewali n'omu amumanyi, naye mu . . . Weewaawo waliwo, omusajja ono wano amumanyi, Ow'oluganda Tyler. Naye azze oku . . . okussibwako emikono, atwale mu maaso Enjiri. Ow'oluganda McComas, oviira ludda wa, Ow'oluganda McComas? ["Rockford, Illinois."] Rockford, Illinois. ["Wakuba essimu ewange, wiiki ewedde, manyanga ku lwa Bbalaza oluyise ekiro, n'osabira mukyala wange."] O, bwe kiri? Ova mu Tucson. ["Tucson, Arizona."] O, kati essimu eyo njijukidde. ["Enkeera yava ku ndiri."] Mukama atenderezebwe!

[Ow'oluganda Martin abaako ne ky'agamba Ow'oluganda Branham—Omuk.] Ogambye ki? ["Mwannyinaze asingayo obuto."] Mwannyoko. ["Ali wano kati. Yali yasannyalala."] Kati, waali wano, yasabirwa, ekiro kya luli, nga ali e Tucson,

okuyita ku lukomo lw'essimu. ["Yali yasannyalala."] Yasa-. . . ["Yali yasannyalala, naye kati waali wano."] Yali yasannyalala, ebiro bitono ebyakayita, naye kati ali wano. Ow'oluganda Martin akimanyiiko, mukwano gwe. Wamma ky'ava ayagala okubunyisa Obubaka!

Leka muganda waffe tumusseeko emikono.

52 Ayi Katonda omwagalwa, nteeka emikono gyange, wamu ne bano abalala, ku muddu Wo, nga tumuwa omukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu, nga tusaba nti emikisa gya Katonda gijja. . .?. . .ekyo kye Wamwawulira okubeera. Omukisa Gwo gubeere ku ye, omuluŋŋamye era omulagirirenga, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Tukuwa omukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu, muganda wange, era ebyo leka bikubeereko. Katonda abeere naawe.

53 [Waliwo agamba nti, "Ow'oluganda Branham?"—Omuk.] Wangi, ow'oluganda? ["Nninayo omu asigaddeyo naye ayagala kino."] Kale, ssebo. Nzikiriza ono ye. . . ["Ow'oluganda Darris."] Ow'oluganda Darris. Si. . . ["Ow'oluganda Earl n'Ow'oluganda Brewer mbamanyi."] Omusajja ono ye W'oluganda Darris. Oviira ludda wa, ow'oluganda? ["Black Rock, mu Arkansas."] Black Rock, mu Arkansas. Ow'oluganda. . . ["Ow'oluganda, mmumanyi."]. . .mmumanyi. Waliwo omulala, wano, ndowooza eyagambye nti,. . .Ow'oluganda Brewer. Nzikiriza nnabasisinkanye, enkya ya leero. Ne—ne Mwannyinaffe Vayle, ndowooza, Ow'oluganda Vayle, n'abo abamumanyi, era bamumanyi nga omusajja wa Katonda, omuweereza wa Katonda. Kirungi nnyo!

54 Kale, kaakano, muganda wange omwagalwa, ogenda kwetikka Obubaka, twagala okitegeere nti tujja kuyimirira emabega wo, tukole kyonna kye tusobola. Tujja kukusabiranga, naawe osobole okutwala Obubaka buno mu bitundu eby'ewala ennyo yonna Katonda gye yakuyitira okugenda.

Leka tusse emikono ku Muganda waffe Darris.

Ayi Katonda Omwagalwa, tussa emikono gyaffe ku muganda waffe, nga tumuwa omukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu, era tumutuma mu Linnya lya Yesu Kristo, Omufukeko amafuta. Era. . .?. . .tumuwa omukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu!. . .?. . .Era leka Omwoyo Wo agende naye, amuluŋŋamye era amukulembere, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda.

55 Kaakati, nzikiriza ono ye, Ow'oluganda Anthony. Bangi ku mmwe Ow'oluganda Anthony mumumanyi. Abadde naffe wano okumala ebbanga ddene. Nze kennyini, mmumanyi nga omuweereza wa Kristo. Nzikiriza muvubuka eyeeweereddeyo ddala. Tateekebwangako mikono mu butongole. Yabadde tamanyi nti kino kijja kubaawo, ab'emikwano. Olaba?

Naye kati kye kiseera ekituufu gy'ali nga n'eri abalala bonna. Kale Ow'oluganda Anthony tugenda kumussaako emikono era tumuwe omukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu. Katonda y'akola ogw'okwawula. Kino kya kumulaga, nammwe okubalaga, nti ow'oluganda ono tumukkiriza era tumwagala, era ali omu ku ffe, mu Bubaka. Era twagala abeere n'emikisa gya Katonda, era ekyo kye tumusabira. Leka tusabe, nga bwe tussa emikono gyaffe, ku w'oluganda.

56 Ayi Katonda Omwagalwa, omuweereza Wo ono omuwombeefu, Omuyitale, ayi Mukama, azze akawungeezi kano, asobole oku—okussibwako emikono, era omukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu, mu butongole, gugoloddwa gy'ali, okuva eri ekkanisa. Mukama, leka Amaanyi Go ag'ekitalo gasindike omuvubuka ono mu bitundu by'ensi eby'ewala ennyo na mu buli kanyomero gye Wamuyitira okugenda. Era leka agende asumulule abantu abo okuva mu bibi n'endwadde, era akuweereze, ayi Mukama, ennaku zonna ez'obulamu bwe. Tukusaba Omukulembere, omuluŋŋamye. Leka emikisa gyaffe gigende naye, nga bwe tumutuma, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

Katonda akuwe omukisa.

57 [Waliwo ayogera n'Ow'oluganda Branham—Omuk.] Huh? Ha, mbadde ssimanyi. Tuyungiddwa ku mukutu gw'essimu; era tusasula ssente ataano buli ddakiika. Waliwo omulala yenna wano abadde ayagala . . .

Musembere wano eno mwogere amannya gammwe, mmwe b'ani, ab'oluganda, *wano* wennyini mu kazindaalo. Mubabuulire bubuulizi. [Buli waaluganda ayogera erinnya lye, "Pat Tyler," "Claude Boggess," "Dale Potter," ". . .?. . .Henasey," "James Humes," "Earl Horner."—Omuk.] Baweddeyo? [Waliwo addamu nti, "Weewaawo."] Baganda bange.

Abasajja bano, mukkiriza Obubaka buno okuba nga ge Mazima agava mu Kigambo kya Katonda? [Ab'oluganda baddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ekyo okikkiriza n'omutima gwo gwonna? ["Amiina."] Kale. Kaakano mwagala, era nga mulowooza nti nga tubassaako emikono. . .Twagala mukitegeere nti tuli wamu nammwe, era tujja kukola kyonna kye tusobola okubayamba.

Kale kati mmwe ab'oluganda njagala, nange nsobole okubassaako emikono, kati musembereeko waggulu wano eno. Kaakano leka ffenna tukoteke emitwe gyaffe, nga bwe tubassaako emikono.

Ayi Katonda Omwagalwa, wano waliwo ekibinja ky'abasajja. Mbateekako emikono gyange buli omu ku bo, mu Linnya lya Yesu Kristo, Omwana wa Katonda. Era leka Ggwe, Eyabayita okubeera abaweereza, ekyo basobozesebwe okukibuulira, ayi Mukama, ennaku zonna ez'obulamu bwabwe,

era . . .?. . . babuulire Enjiri eri buli kitonde. Tubawa omukono ogwa ddyo ogw'okussa ekimu, nga tusaba emikisa Gyo gibeere nabo, ayi Mukama, nga bwe tubawa omukisa, nga bwe tusindika emikisa gyaffe. Leka gituuke mu buli kanyomero k'ensi gye Wabayitira okugenda. Leka bakole era bakuweereze okusinziira ku busobozi bwe Wabayitira okukuweererezaamu. Leka babeere baweereza ba Katonda abazira era aba nnamaddala. Kituwe, ayi Mukama. Era tukisabye mu Linnya lya Yesu Kristo.

58 Katonda abawe omukisa, buli omu ku mmwe, ab'oluganda. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa, ow'oluganda. Katonda akuwe omukisa. Katonda akuwe omukisa, Ow'oluganda Humes. Mukama abeere nammwe, buli omu ku mmwe.

Kya mukisa ekisiba ekyo ekisibira awamu
Emitima gyaffe mu kwagala okw'Ekikristaayo;
Okussa ekimu okw'abantu ab'endowooza emu
Kulinga kuli okwa Waggulu.

59 Si mulungi nnyo? Mukirowoozeeko kati, abaweereza bameka abali wano akawungeezi kano ababadde balina okussibwako emikono!

60 Ssaategedde nti twayungiddwa ku mukutu gw'essimu guno. Nsaba abantu ebweru eyo bansonyiwe olw'ekyo; ssaakitegedde. Olaba? Ssaategedde nti Obubaka buno obutono obw'akawungeezi kano baabadde baakubuyunga ku mpewo. Naye tuli . . .

61 Kati tugenda kusoma Ekigambo tusabe, tugende butereevu mu Bubaka buno bwe mpulira nga Omwoyo Omutukuvu bw'ayagala mbatuuseeko akawungeezi kano.

62 Era kati nga bwe tubikkula mu . . . ekitundu eky'okusoma, ŋŋenda kukirangirira mu kaseera katono. Leka tubikkule mu Kubala, essuula eya 22, olunyiriri olwa 31. Okubala 22:31, we tugenda okujja ekitundu eky'okusoma. Nga bwe mubikkula, bw'oba oyagadde okukisoma, osobola okukisoma oba okukirambako.

63 Kati mwenna njagala munzijukire, okutuusa lwe ndiddamu nate okubalaba, nsuubira, mu biseera by'omusana, nga Mukama ayagadde. Kati ssinga wabaawo ekintu kyonna ekibaawo, ne ssigenda mitala w'amayanja, nja kukomawo. Naye ku mulundi guno tukkiriza nti, okusinziira ku ngeri bino byonna gye bizze bitambulamu, nti Omwoyo Omutukuvu agenda kutututuma kati mu lugendo Ye Kennyini gye yeerondedde okutututuma. Era eyo y'engeri gye twagala okukikolamu. Mukama abawe omukisa!

64 Kitaffe, tunaatera okusoma Ekigambo Kyo. Tukusaba Okiwe omukisa era Okifukeko amafuta tusobole okukitegeera, tukisabye mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

65 Ekitabo ky'Okubala, essuula eya 22 n'olunyiriri olwa 31.

> Awo *Mukama n'alyoka azibula amaaso ga Balamu, n'alaba malayika wa Mukama ng'ayimiridde mu kkubo, ekitala kye nga kisowoddwa nga kiri mu ngalo ze: n'akutama omutwe gwe, n'avuunnama amaaso ge.*

66 Kati, mu kusoma kino, okukizimbako eky'okuyigirizaako, njagala nkiwe omutwe ogugamba nti: *Katonda Waliwokko Lw'Akyusa Endowooza Ye Ku Kigambo Kye?*

67 Ekyo nno ddala kyakuyigako ekikulu ddala, era Mazima amakulu ddala ge tusaanye okutegeera. Katonda asobola okwogera ekintu kyonna ate oluvannyuma n'agamba nti, "Nnejjusizza lwaki Nnakyogedde"? Katonda asobola okumenyawo Ekigambo Kye, nga Amaze okukyogera?

68 Kati, mu bigambo bino wano, ensonga lwaki nnalonze ebigambo bino, yabadde lwakuba bye bimu ku bigambo mu Bayibuli omusomi, nga agezaako okulaba, manya w'ayinza okugezaako okugamba nti Katonda akyusa endowooza Ye; wano we wasinga okulabika nga awalaga nti Yakyusa endowooza Ye okusinga awalala wonna mu Bayibuli, we mmanyi, kubanga alina kye Yagamba Balamu ate oluvannyuma n'amugamba ekirala. Kati, abantu bangi Balamu bagezezzaako okumutwala nga, ha, omulaguzi oba ekintu ekifaananako bwe kityo. Naye Balamu teyali mulaguzi. Yali nnabbi wa Mukama.

69 Kati, okusooka, tugenda kukoona ku nsonga enkulu eziri mu Bubaka buno. Isiraeri baali mu lugendo lwabwe nga bava mu Pales-. . . nga bagenda e Palesitayini, nga bava e Misiri. Era Mukama yali nabo, era baali. . . Buli mulabe eyagolokokanga okweŋŋanga Isiraeri yaggyibwanga mu kkubo, kubanga Katonda yagamba nti Alisindika ennumba mu maaso gaabwe agobe omulabe, kasita baatambuliranga mu kugondera ebiragiro Bye. Omulimu tegwababeererako munene nnyo kisusse. Abamaleki, bannaggwano b'ebiro ebyo, tebaalimu kantu mu maaso ga Isiraeri. Wadde tebaali basajja bawagguufu mu kigera kyabwe, naye baali batambulira mu BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. N'olwekyo ne bwe waabangawo okuwakanyizibwa okwenkana wa, Katonda bulijjo yakakasanga nti Ebigambo Bye bye yasuubiza Isiraeri tebyalemanga kutuukirira.

70 Ate nga Isiraeri ey'Endagaano Enkadde kye kifaananyi ky'Omugole ow'Endagaano Empya, nga bava mu—mu nsi, bakumba bali mu lugendo bagenda e Kanani, nga Kanani gye tugendamu, kwe kufuga okw'Emyaka olukumi.

71 Kaakati, kati, tukiraba wano nti Mowaabu kifaananyi kya kkanisa. Era Mowaabu. . . Waliwo bakabaka be baali baakatta era nga omulabe bamulinnye ku nfeete, nga basse buli kintu, ensi ne bagyezza, nga bambuse e Mowaabu. Kaakati, Mowaabu teryali ggwanga kkaafiiri n'akatono. Mowaabu lyali ggwanga eryaweerezanga Katonda y'omu Isiraeri gwe

yaweerezanga. Era eggwanga lya Mowaabu lyatandikibwawo mutabani wa Lutti, gwe yazaala mu muwala we. Era omutabani ono, nga omutandisi w'eggwanga lino, yalina abakungu n'abakulu abalala ab'enjawulo, era nga abakozeemu eggwanga ery'amaanyi, era baali beeyongedde obungi nga bagenda mu maaso.

72 Kale, kati, Isiraeri yali zzadde lya Ibulayimu, so si lya Lutti. Isiraeri yasibuka mu Isaaka, Yakobo. Era Isiraeri yasibuka mu bika biri ekkumi n'ebibiri ebyava mu Yakobo, oluvannyuma eyayitibwa "Isiraeri," kubanga yameggana ne Mukama. Ate Mowaabu erudda wano . . .

73 Kati, mu kino, era eri mmwe abawuliririza eyo ku—ku masimu, njagala nsooke ŋŋambe nti ssa—ssaagala kukolokota bukolokosi, era ka nsuubire nti si kye nkola. Naye, Obubaka obwankwasibwa, nteekwa okubeera omwesigwa eri Obubaka obwo, kubanga bwe ssikikola mba munnanfuusi. Mulaba? Ssi—ssisobola kwogera kusukka ku bye nnatumibwa kwogera.

Era kati nze—nze ndowooza nti omulabe w'Obukristaayo omukulu leero ge makanisa agaagunjibwa abantu. Nzikiriza n'omutima gwange gwonna nti ku nkomerero gajja kufuuka akabonero k'ensolo, nga ekyo, Katonda nga annyambye ndowooza nsobola okukikakasa nga nkozesa Bayibuli. Nnamala na dda okukikakasa. Nti, gajja kukola akabonero k'ensolo, mu mukago gw'amakanisa. Kubanga, Katonda tewabangawo, mulundi yadde ogumu guti, lwe yali akakasizza ekkanisa eyatongozebwa abantu, ekkanisa eyagunjibwawo obugunjibwa, takikolangako. Ekyo takikolangako.

Era buli mulundi abantu lwe beegunjizangawo ekibiina eky'obuntu, Omwoyo wa Katonda yakyabuliranga obutakiddira. Buuza munnabyafaayo yenna, oba ggwe kennyini osobola okubyesomera. Tekibangawo! Bwe baagunjangawo ekibiina eky'obuntu, nga Katonda akireka ttayo, era eyo gye kyakomekkererezanga; ne kisigala eyo, okuva ku olwo okweyongerayo. Byeyongeranga mu bungi bwa ba mmemba, naye nga tebiriimu kudda buggya kwa Mwoyo; nedda, n'akatono.

74 Mowaabu, wano, ky'eky'okulabirako ky'ekyo, kubanga baali e—eggwanga eryagunjibwa obugunjibwa; nga bali mu nsi yaabwe, tugambe nga bali mu kibiina kyabwe eky'eddiini. Era baalina amadiini agaabwe, era eddiini yaabwe yali ddiini y'emu n'aba Isiraeri gye baalina. Baali Bamowaabu era nga bakkiririza mu Katonda Yakuwa, wabula baali kibiina ky'abantu ekigunje.

75 Era, kati, bo nga bwe booleka ekifaananyi ky'ekkanisa ey'omubiri, yo Isiraeri eyoleka ekkanisa ey'omwoyo eri mu lugendo lwayo. Kati, Isiraeri teryali ggwanga eritambulira ku nkola ey'obuntu. Kasita baasigalanga nga bagoberera Katonda, baalinga beetongodde. Baavaayo, nga batambuze, abatalina we

balaga. Yonna Empagi y'Omuliro gye yagendanga, baagendanga wamu nayo. Tebaali ggwanga eritambulira ku nkola ey'obuntu. Baalina enkola mu makkati gaabwe, kubanga okukomolebwa enkola eyo kwe kwagibaweesa wansi w'ebiragiro bya Katonda, naye baali tebabangako ggwanga litambulira ku nkola ya buntu. Ku nkomerero bwe baafuuka eggwanga eritambulira ku nkola ey'obuntu, ekyo kye kiseera we baagwiira ne bagaana Masiya waabwe.

76 Kale kati, tukiraba nti bulijjo, ab'omubiri bano n'ab'omwoyo, emyoyo gy'amakanisa n'ebibiina eby'obuntu, bwe gisisinkana, bulijjo wabeerawo okukuubagana. Tewali lwe kitabangako bwe kityo. Bulijjo gikuubagana. Kubanga, tusanga nti omwo mubaamu obuggya. Era, mu buggya buno, buleetawo okuvuganya okw'omubiri, n'okukopperera. Era tukisanga ne mu nnaku zino, nga bwe kyali luli. Katonda bw'abaako ekintu ky'akolera omuntu omu, buli omu agezaako okukikoppa nga Katonda bw'akikoledde omuntu oyo. Mukiraba, kireeta okuvuganya, ne kifuuka kya mubiri. Era ab'oludda olumu, bwe balemwa, okufunamu eby'omwoyo, nga bakozesa amaanyi a'eby'obufuzi, oba nga bayiiyizaawo ekintu ekirala, okutiisatiisa emitima gy'abantu, baweze abagoberezi.

77 Ky'ekyo kyennyini ekyabaawo ku lubereberye; wakati wa Kayini ne Abeeri, abalenzi abo bombi bwe baali wano ku nsi. Abeeri bwe yawaayo eri Katonda ssaddaaka eyali esinga ku ya Kayini, Katonda n'asiima Abeeri, nga akka n'asiima ssaddaaka ye, Kayini kyamukwasa obuggya, kubanga yakwatirwa muganda we obuggya, era bw'atyo n'atta muganda we.

78 Kyatandikira ku lubereberye, ow'omubiri n'ow'omwoyo . . . So nga ate Kayini ne Abeeri baasinzanga Katonda y'omu, bombi baazimba ebyoto nga bifaanagana, era bombi baali basinza Katonda y'omu, mu kkanisa y'emu, ekyoto kye kimu. Naye Kayini, olw'endowooza ey'omubiri, yaleeta bibala bya mu nnimiro bye yateeka ku kyoto nga ssaddaaka, nga alowooza nti ddala bino binaatuuka eri Katonda nga omutango. Kati ateekwa okuba nga yaleeta ne kino, nga abantu bwe balowooza ennaku zino mbu, "Adamu ne Kaawa baalya zi apo, ze zaaleeta okwonoona." Ne, kyonna kye bagamba, ndowooza kati bagamba zaali "nkomamawanga" oba ekintu bwe kityo kati. Gye buvuddeko katono, abamu ku bo, baagamba mbunno kyali kintu kirala.

79 Naye, Abeeri ye yalina ssaddaaka entuufu. Yakitegeera nti omusaayi gwe gwali kazaalabulwa, kye yava aleeta omwana gw'endiga. Era Katonda eyiye bwe yagikkiriza, kati, Abeeri, yakikola lwa kukkiriza, lwa kubikkulirwa, so si lwa ngeri ndala yonna. Waali tewannabaawo Bayibuli mpandiike. N'olwekyo, mukiraba nti, obutuukirivu butandikira ku Mazima ga Katonda

agabikkuddwa, era Ekkanisa ya Katonda omulamu yonna okwo kw'ezimbiddwa.

80 Yesu, lumu, yali aserengeta nga ava ku lusozi, n'abuuza abayigirizwa Be nti, "Nze Omwana w'omuntu, abantu bampita ani?"

"Omu yagamba nti Ggwe Musa, ate omulala n'agamba nti Ggwe Eriya, ate omulala nti Ggwe Yeremiya, oba omu ku bannabbi."

Ye n'ababuuza nti, "Naye mmwe mumpita ani?"

81 Awo omutume Peetero, nga aluŋŋamiziddwa Katonda, nga Omwoyo amuluŋŋamizza, we yayogerera ekigambo ekyo ekikulu ennyo nti, "Ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu."

82 Wekkaanye kye yayogera. "Olina omukisa ggwe, Simooni, mutabani wa Yona, omubiri n'omusaayi si bye bikubikkulidde kino. Wabula Kitange ow'omu Ggulu kino y'akikubikkulidde. Ggwe Simooni. Era ku lwazi luno . . . "

Lwazi ki? Kati, Abakatoliki bagamba mbu, "Ku Peetero, ye lwazi, akayinja." Ate Abapolotesitante ne bagamba mbu, "Ku Kristo, ye Lwazi."

Ssigenderera bugenderezi kwawukana mu ndowooza; wabula kwali ku kubikkulirwa Peetero kwe yafuna, okwa Ekyo ky'Ali. "Tewali ayinza kujja Gyendi," bw'atyo Yesu bwe yagamba, "okujjako nga Kitange y'Amuwaludde. Era bonna Kitange be yampa balijja Gyendi."

"Ggwe Kristo, Omwana wa Katonda omulamu."

83 "Olina omukisa ggwe, Simooni, mutabani wa Yona; omubiri n'omusaayi si bye bikubikkulidde kino, wabula Kitange ali mu Ggulu. Ku lwazi luno kwe Ndizimba Ekkanisa Yange, n'emiryango gy'emagombe tegirigiyinza." Ekigambo kya Katonda ekibikkuddwa Omwoyo!

84 Wekkaanye, Abeeri, olw'okukkiriza mu Katonda, yawaayo ssaddaaka esiimibwa ennyo. Naye omukkiriza ow'omubiri ye yalowooza nti gyali mirimu gya mikono gye, nti, wamu n'ebibala bye n'ekiweebwayo kye ekinyirira bye yali aleese, mbu Katonda by'anakkiriza, naye ne bikuubagana.

Tukiraba nti Ibulayimu ne Lutti nabo baakuubagana.

85 Tulaba ne Musa ne—ne Dasani, Koola, nga nabo baakuubagana mu ngeri y'emu.

Musa, eyali nnabbi eyayawulibwa nga alina Ekigambo kya Mukama, eyakakasibwa okuba nti ye yali alondeddwa okubeera omukulembeze waabwe ow'ekiseera ekyo, era nti Ibulayimu ebintu bino byonna yali yabisuubiza, era Musa tumulaba nga akolera ddala ebyo byennyini Katonda bye yali yagamba nti bwe biriba, nti biribaawo.

Ate Koola, eyali ow'omubiri, n'ayagala okubakolamu ekibiina ekitambulira ku nkola ey'obuntu. N'ayagala akole ekibiina eky'abantu obuntu. Ate nga Katonda bw'atyo si bw'akolagana n'abantu. Kiragira ddala awo wennyini, mu Kyawandiikibwa ekyo, ekifaananyi ky'olugendo oluliwo leero, nti ebibiina ebitambulira ku nkola ey'obuntu si ye ngeri ya Katonda gye yalonda okukoleramu. Kubanga, Koola olwali okukikola, yagamba Musa nti, "Weefuula mukulu okukira abalala." Amakulu yali ategeeza nti, "Ekibiina kyonna kitukuvu! Ggwe lwaki, ogamba nti ggwe mutukuvu wekka. Tolina ddembe likukkiriza kukola kintu bwe kityo. Ogezaako okwefuula ow'ekitalo. Ffenna tuli batukuvu. Ffenna tuli baana ba Katonda."

86 Naye Musa n'akyuuka bukyuusi n'avaawo. N'abuuza nti, "Mukama, nkole ntya?"

87 Katonda n'amugamba nti, "Mweyawuleko. We bituuse bintamye." Awo n'Ayasamya ettaka ne limumira.

88 Mukiraba, waaliwo okukuubagana. Ow'omubiri n'ow'omwoyo bwe basisinkana, bulijjo wabeerawo okukuubagana. Yuda ne Yesu bwe baasisinkana, waaliwo okukuubagana: Omu, yali Mwana wa Katonda; omulala, yali mwana wa Ssetaani. Era nga Kayini ne Abeeri, waaliwo okukuubagana bwe baasisinkana. Omu ku bo yali muwanika wa kkanisa, nga Omulala musumba. Era nga ne kaakati, tukomawo mu nnaku zino, ku kintu kye kimu nate. Eddiini ey'omubiri nga erwanagana n'Omugole wa Kristo ow'omwoyo. Omugole wa Kristo ow'omwoyo wa njawulo nnyo ku bibiina eby'omubiri eby'enkola ey'obuntu, okutuusa nti byombi toyinza kubigeraageranya n'akatono.

89 Kati mwekkaanye, eby'omubiri bulijjo bigezaako okwoleka eby'omwoyo. Naye, era nga bwe kyali ku Yakobo ne Esawu, era tekijja kukola. Tekyasobola kukola. Kati, bwe kituuka ku kukola ebikolwa ebirungi, nzi—nzikiriza nti Esawu ddala yali asingira wala Yakobo, nga abantu bwe balaba. Yagezaako okulabirira kitaawe; eyali nnabbi, nga yaziba amaaso. Ne bino byonna bye yagezaako okukola, kyokka nga Esawu ebyo teyabirowoozanako nga ebikolwa eby'omubiri obubiri. Yalowooza nti asobola okuyingira nga ayita mu ebyo by'akoze, abeeko gw'akolera ekintu ekirungi, nga ate tekyalina kabi. Naye Yakobo, emmeeme ye yonna yali eruubirira kufuna mugabo ogwo ogw'obusika, era ekyo Katonda kye yamulabamu ekyali eky'omwoyo.

90 Wekkaanye, era ekyo lubeerera kireeteddenga ab'omubiri okukyawa ab'omwoyo. Kyaleetera Kayini okukyawa Abeeri. Kyaleetera Koola okukyawa Musa. Kyaleetera Yuda okukyawa Yesu. Era kyeyongerayo bwe kityo. Kireetera ab'omubiri okukyawa ab'omwoyo, era nga Kayini ku lubereberye bwe

yakyawa Abeeri, oyo nnannyini ssaddaaka Katonda gye yakkiriza, era bagezaako okubazikiriza.

Bagezaako n'okubasiiga enziro. Bagezaako okuzikiriza buli kintu, kubanga ekyo si kirala wabula buggya. Kyatandikira mu Kayini era ne kikakasibwa nti bwali buggya, era kikyali kye kimu ne leero ab'omubiri, (abatali ba mwoyo) n'ab'omwoyo bwe basisinkana. Kikakasa nti oyo abeera Ssetaani, si kirala kyonna, kubanga obuggya buva wa Ssetaani. Okuva awo ne kireetawo okugeegeenya Amazima, omuntu nga agezaako okugeegeenya ekintu ky'atali, ky'ataayitibwa kukola. Eby'engeri eyo nga tulabye biyitirivu mu nnaku zino ez'oluvannyuma! Ha, bannange, nga biyitirivu!

91 N'olwekyo tukiraba nti Katonda a-. . . endowooza Ye ku Kigambo Kye gye yasooka okuwa lubeerera tagikyusa. Wabula, oyo gw'Ayita, y'oyo gw'Ayawula. Tewali mulala ayinza kutwala kifo ekyo. Tewali yali ayinza kutwala kifo kya Musa. Ka wabe nga waaliwo ba Koola bameka abaali bagolokose, ne ba Dasani bameka; yali Musa, Katonda gwe yali yayita, si nsonga yali atya.

92 Naye, kati abantu bwe batatambulira mu kwagala Kwe okutuukiridde, Ye alinawo okwagala okuwalirize era Ajja kukuleka kw'oba otambuliramu. Wekkaanye, weewaawo, Akirekerayo ne kikolebwa, naye era Ajja kukikozesa kikole ku lw'ekitiibwa Kye, kikomekkereze nga kituukirizza okwagala Kwe okutuukiridde. Kati bwe muba mwagala . . .

93 Okufaananako, nga ku lubereberye, tekwali kwagala kwa Katonda okutuukiridde abaana okuzaalibwa ku nsi nga bayita mu kwegatta kw'omusajja n'omukazi. Nedda, ssebo. Katonda yatonda omuntu okuva mu nfuufu y'ensi, n'amussaamu omukka ogw'obulamu, n'afuuka emmeeme ennamu. Omuntu oyo n'Amuggyamu omubeezi, n'amukolera omukyala. Okwo kwe kwali okwagala kwa Katonda okwasookera ddala era okwali okukakafu. Naye ekibi bwe kyayingira ne kikola bye kyakola, n'Awalirizibwa okuleka omusajja awase omukyala, mu mateeka, era amuzaalengamu abaana. "Kale, muzaale mujjuze ensi, bwe muba nga eyo ye ngeri gye mwagala okukikolangamu." Naye, olaba, eyo si y'engeri etuukiridde gye Yali ayagala kikolebwemu.

94 N'olwekyo, ebintu bino byonna ebyalina entandikwa birina okuba n'enkomerero. Ekibi kyonna kirina okutuuka ne kisaanyizibwawo ddala kiggweewo. Ekibi kyonna kirina okumalibwaawo. N'olwekyo, mu kufuga okukulu okw'Emyaka olukumi okuzuukira bwe kulibaawo, tetulyetaaga kuddamu kuzaalibwa bakitaffe ne bannyaffe, naye nga Katonda bwe Yakola ku lubereberye aliyita omuntu okuva mu nfuufu y'ensi, awamu n'omubeezi we. Bwe kiri. Bw'atyo bwe Yakikola ku lubereberye.

95 N'olwekyo, Katonda takyusa ndowooza Ye ku kintu kyonna, wabula Ajja kukulekerayo ogende mu maaso. Kati,

nneekooloobezza wala nnyo okutuuka ku kye njagala okwogera ku nsonga eno. Naye, era, naye, kiri nti, mujja ku . . . Njagala mukitegeere. Mukiraba? Katonda ajja kukulekerayo obeeko ekintu ky'okola, akuwe n'omukisa nga okikola, wabula nga ekintu ekyo ky'okola si kwe kwagala Kwe okutuukiridde.

96 Katonda yaleka Isiraeri okulondawo okutwala amateeka, mu Kuva essuula ey'e 19. So nga ekisa kyali kyamala okubawa nnabbi, Empagi y'Omuliro, omwana gw'endiga ogwa ssaddaaka, amaanyi aganunula, naye bo ne bakaabira okuweebwa Amateeka. Si ge gaali okwagala kwa Katonda, naye gaakakatiikibwawo kubanga omuntu ge yali ayagala. Era omuntu yakolimirwa amateeka gennyini ge yali ayagala.

97 Ekisinga obulungi kwe kugenda n'ekyo Katonda ky'ayagala. Ky'ekyo kye Yatuyigiriza. "By'oyagala bikolebwe. Obwakabaka Bwo bujje. By'oyagala bikolebwe." Tuteekwa okwewaayo eri ebyo by'Ayagala bikolebwe n'eri Ekigambo Kye. Tokibuusabuusa. Kikkirize. Togezaako kunoonya ngeri ya kukyebalama. Kitwale butwazi nga bwe Kiri.

Bangi nnyo abaagala okukyebalama, beefunire engeri endala. Ate bw'okikola, ddala weesanga ogenda mu maaso, weesanga Katonda akuwa omukisa, naye obeera okolera mu kwagala Kwe okujja olw'okuwaliriza so si mu kwagala Kwe okutuukiridde, okwagala kwa Katonda.

98 Akirekerayo ne kigenda mu maaso, nga bwe nnagambye, wabula Tajja—Tajja kukifuula kwagala Kwe okutuukiridde; naye Ajja kukikozesa kikomekkereze nga okwagala Kwe okutuukiridde kwe kuweereddwa omukisa n'ekitiibwa. Era okuzaala abaana, okuyita mu kwegatta kw'omusajja n'omukazi, kye kimu ku ebyo.

99 Kati, wekkaanye, Mowaabu, okusooka kwa byonna, lyali ggwanga lyeboolereze. Lyatandikibwawo, nga lyeboolereze, ate nga lyava mu—mu taata omukkiriza ne muwala we omukkiriza.

Mu ngeri y'emu ddala, ekyo bw'okigeraageranya nga okozesa endowooza ey'omwoyo, osobolera ddala okulaba eddiini eyo nga yeesimbye awo nga bw'olaba ekintu ekirala kyonna. Ddala. Mukiraba, ekintu kyonna kikyamu mu bulamba bwakyo. Ate, labayo, bwe kyaleetebwa, bwe kyatandika bwe kityo, tekisobola . . . Kisigala, nga bw'olaba ekitole ky'omuzira ekyekulungirivu, kisigala kiyiringita buyiringisi nga bwe kyeyongerayo. Okola ensobi emu, n'otandika n'ensobi eyo emu, n'ogenda mu maaso nga ogiyiringisa bwe weeyongerayo bw'ova mu kino bw'odda mu kirala, nga ekimu kifaanana kinnaakyo, byonna nga bwe biddiriŋŋana.

100 Era eyo y'engeri ekkanisa gye yatandikamu. Bw'etyo bwe yatandika e Nikyeya, mu Rooma, ekereziya Katolika ey'e Rooma . . . Ku ntandikwa yaayo yennyini, gye yatandikira, yali ya Pentekoote. Naye bwe baagunjaawo ekibiina ekitambulira

ku nkola ey'obuntu ne bayingizaamu abantu ab'ettutumu, mu kkanisa, baatandika okukolanga, okuba n'essaala, n'okusoma empeke za ssappule, ne—n'okusabira abafu, n'ebirala bino byonna. Okuva awo n'etandika kuyiringita buyiringisi, nga bw'eva mu nsobi emu bw'edda mu ndala, bw'edda mu ndala, era kati laba w'etuuse. Teriimu kisaanyizo kya pentekoote yadde, n'ekimu. Mukiraba? Nsobi njereere, nga buli nsobi egenda egobererwa nsobi ginnaayo, nayo n'egobererwa nsobi ginnaayo. Waliwo ekintu kimu kyokka ekisaanidde okukolebwa, kwe kugolola ensobi ezo zonna eddeyo gye yatandikira.

101 Martin Luther, bwe yatandika n'okuggyibwako omusango. . . Eno ye yandibadde ekkanisa ya Luther nga yeeyongedde mu maaso, ku ddaala eddala. Olaba? Ssinga. . . Luther, bwe yeekolamu ekibiina ky'eddiini, yali takyasobola kukkiriza kutukuzibwa Wesley kwe yali ayigiriza, kubanga yali amaze okwegunjizaawo ekibiina ky'eddiini; bwe batyo abantu tebaasobola kukkiriza kuyigirizibwa okwo, bw'atyo Omwoyo kye yava akifulumamu.

102 Kati, ekibiina kya Lutti kino wano; manyanga, Mowaabu yali mwana wa muwala wa Lutti, eky'okusooka yali mweboolereze. Kaakati weetegereze, ekkanisa ey'omubiri, Mowaabu, kifaananyi ekyoleka eddiini ey'omubiri.

Isiraeri kifaananyi ekyoleka Ekkanisa ey'omwoyo. Isiraeri, ye yali ekkanisa entuufu, ye yali omugole w'ekiseera ekyo, eyayitibwa okuva e Misiri, era eyakakasibwa okuba nga ye y'amazima.

103 Mwekkaanye ababiri abo, bwe baasisinkana. Bombi baawangayo ssaddaaka y'emu, bombi baazimba, baalaba ebyoto musanvu, bombi baawangayo ssaddaaka ennongoofu, ente ennume. Baawangayo n'endiga ennume, nga kyoleka nti waliwo Masiya alijja. Okusinziira ku nnono, bombi baali bafaanaganira ddala. Isiraeri, nga eri mmanga eno mu kiwonvu; ate Mowaabu, nga eri waggulu ku kasozi. Mowaabu nga balina ebyoto musanvu; ne Isiraeri nga balina ebyoto musanvu. Mowaabu nga balina ente ennume musanvu; ne Isiraeri nga balina ente ennume musanvu. Mowaabu nga balina endiga ennume musanvu, ezooleka nti waliwo Masiya ow'okujja; ne Isiraeri nabo nga balina endiga ennume musanvu.

Kiki ekyali kibaawula? Mu by'ennono, bombi baali batuufu. Naye, olaba, Mowaabu tebaalina kukakasibwa kwa Katonda mu makkati gaabwe; kyokka kye baali baali ggwanga, ekibiina ky'abantu ab'ettutumu. Naye Isiraeri baalina nnabbi mu makkati gaabwe. Baalina Olwazi olwase mu makkati gaabwe. Baalina Empagi y'Omuliro. Baalina omusota ogw'ekikomo ekizigule, olw'okuwonyezebwa. Baalina emikisa gya Katonda nga gitambula nabo buli gye balaga, era be baali abaana ba Katonda abaayitibwayo.

104 Kaakati ekyo tukiraba nga kirabikira ddala mu makanisa g'ennaku zino. Naye, Mowaabu bo tebaali bwe batyo. Isiraeri baali batambuze, nga bava wano badda wali; yonna Empagi y'Omuliro eyo gye yagendanga, baagendanga nayo. Mowaabu, si bwe gwali; baali bakkalidde mu kibiina ky'eddiini yaabwe, mu ggwanga lyabwe. Tebaavanga mu kifo, baasigalanga wamu awo. Baalina abakungu baabwe ab'ettutumu. Baali baateekawo enkola gye bakolamu ebintu byabwe, era baalina abatabaazi abaabwe, baalina abalwanyi abaabwe, baalina kabaka owaabwe gwe baalina, gwe baafunangako ebiragiro, n'ebirala.

105 Naye Mowaabu yalaba nga Isiraeri erina ekintu bo kye baali batalina. Baalaba amaanyi ag'ekitalo agaali gakolera mu Isiraeri, era nga oyo yali nnabbi. Era nnabbi oyo yali Musa. Era baali bakimanyi nti olutalo buli lwe lwanyiinyiitiranga nga bawangulwa, baayimusanga buyimusa mikono gye ne bagiwanirira waggulu, olutalo ne lukyuka. Kati bo tebaalina kintu kifaananako n'ekyo, n'olw'ensonga eyo baagezaako okukirwanyisa nga beeyambisa eby'obufuzi, n'enkwe z'eby'obufuzi. Baatumya era ne bapangisa nnabbi okuva mu ggwanga eddala ajje, nabo basobole okuba ne nnabbi, era basobole okuba n'amaanyi mu makkati gaabwe okufaananako nga n'aba Isiraeri ge baalina mu makkati gaabwe.

106 Mulaba okuvuganya okw'omubiri? Musobola okulaba ekkanisa ey'omubiri ey'ennaku zino? Ekoze ekintu kye kimu.

107 Wekkaanye, kati, bombi bagenda kuba nga balina bannabbi. Enjawulo yokka yali nti, Musa, nnabbi wa Katonda, Kabaka we yali Katonda. Ebiragiro bye eyo gye yabijjanga, mu Kigambo kya Mukama. Ate ye Balamu, naye, yalina kabaka, era kabaka oyo yali Balaki, kabaka wa Mowabu, era ebiragiro ebibye yabifunanga kuva eri oyo awamu n'emikisa gye. Kati Mowabu yagamba Balaki nti, "Serengeta," manya yagamba Balamu, nti, "jangu onkolimiririre abantu bano, kubanga babunye wonna ku maaso g'ensi. Bwe bajja buli kamu bakamalawo bumazi nga ente bw'erya omuddo n'egumala ku ttaka." N'agamba nti, "Jangu bunnambiro. Nkitegeddeko nti osobola okukolima, osobola n'okuwa omukisa, era buli ky'okola kituukirira mu buli ngeri."

108 Kati, twagala tukitegeere nti omusajja ono yali nnabbi eyali yayawulibwa Katonda, wabula yatunda obusika bwe olw'ensonga z'eby'obufuzi. Okufaananako n'ekkanisa ky'ekoze leero, nga eya Luther, eya Wesley, ey'Abapentekoote, n'ekibinja kyabwe bonna okutwalira awamu, nga batunda obusika bwabwe olw'okusikiriza abantu basobole okwegatta ku bibiina byabwe mu bungi. Musa, wansi wa Katonda; Balamu, wansi wa Balaki. Kyokka, nga bannabbi bano bombi baali basajja abaayitibwa Katonda, era nga bombi ba mwoyo. Mwetegereze enjawulo. Buli

omu ku bo yaliko mukama we: owa Musa yali Katonda, owa Balamu yali Balaki.

109 Wekkaanye wano engeri eky'omwoyo gye kirabika, okusobola okukakasa eky'omubiri nga bwe kiri ekikyamu. Musa, eyatumibwa Katonda, nga ali ku mulimu gwe, asisinkana era n'asoomoozebwa nnabbi omulala owa Katonda. Teebereza ekintu nga ekyo! Musa, eyayitibwa Katonda, eyayawulibwa Katonda, nga ali ku mulimu gwa Katonda; n'ayambuka mu kibiina kino ekinnyogovu, eky'emikolo obukolo, n'asoomoozebwa nnabbi omulala owa Katonda, nga oyo naye Katonda ye yali yamuwa omukisa era n'amwawula. Wali oyinza kubaawula otya? Amawanga gombi gaalina bannabbi. Katonda nga ayogera ne bannabbi abo bombi.

110 Kati abamu ku bo bagenda ne bagamba nti, "Katonda yaŋŋambye nti, 'Kola *kino*.' Katonda yaŋŋambye nti, 'Kola *kiri*.'" Kati, ekyo ssikibuusabuusa, naye kiri wabweru wa Kigambo kya Katonda. Nnabbi, k'abeere nga nnabbi yennyini, awo abeera awabye. Abantu bangi bwe batyo bwe balimbibwa. "O, ow'oluganda *ono* asobola okukola *kino*, n'ow'oluganda *ono* asobola okukola *kiri*," ate n'asambajja Ekigambo?

111 "Ne bwe njogera ennimi ez'abantu n'eza bamalayika, ne bwe mba n'ebirabo, nga nnyinza n'okusigula ensozi, ne bwe mpaayo ebyange byonna okuliisa abaavu, mba ssirina kyendi."

"Bangi balijja Gyendi ku lunaku luli nga bagamba nti, 'Mukama wange, Mukama wange, ssaalagula mu Linnya Lyo? Ssaagoba emizimu, mu Linnya Lyo, ne nkola n'emirimu egy'amaanyi?' Nange Ndibagamba nti, 'Muveewo, mmwe. . . Muve Wendi, mmwe abaakola eby'obujeemu. N'okubamanya ssibamanyangako.'" Kyokka ate, nga bajja n'okwatula baatula nti baabikola, naye Yesu n'abagamba nti baali bakozi ba bujeemu. Obujeemu kye kiki? Kye kintu ky'omanyi nti ky'oteekwa okukola, kye kituufu okukola, naye n'otakikola. Mulaba ebiribaawo mu nnaku ez'oluvannyuma?

112 Muwulire ensonga yonna! Ekyo kye kibadde ekigendererwa kyange akawungeezi ka leero. Nnagambye we zinaawerera essaawa essatu nja kuba mmalirizza, naye ŋŋenda kusussaamu katono, oba oli awo. Mulabeeyo, ekyo kye kigendererwa kyange kyonna, okubalaga ensonga eno, nga nkozesa Ekigambo kya Katonda, mulaba, nti—nti Katonda alina okukuuma Ekigambo Kye okusobola okusigala nga ye Katonda.

113 Kati, kino tukiraba nti bombi baali basajja ba mwoyo, bombi baali bannabbi, era nga bombi baayitibwa. Era Musa, nga ali wakati mu buvunaanyizibwa bwe, n'Empagi y'Omuliro ey'obuliwo nga eyimiridde mu maaso ge buli lunaku, nga ali ku mulimu gwe, era nga Omwoyo wa Katonda ali ku ye. Ate ne wajja omuweereza wa Katonda omulala, eyayitibwa Katonda, eyayawulibwa Katonda, nnabbi Ekigambo

kya Mukama gwe kijjira. Kano ke katundu akasinga okuba ak'omutawaana. Tewali n'omu ayinza kuwakana nti oyo teyali musajja wa Katonda—wa Katonda, kubanga Bayibuli egamba nti Omwoyo wa Katonda yayogeranga naye, era yali nnabbi. Naye, olaba, bwe yafuna okwanukulwa okutuufu okuva eri Katonda, teyakunywererako. Teyekkaanya kwanukulwa Okwo, era bwe yava awo n'agenda n'asoomooza Musa.

114 Kati, Balamu yanoonya n'omutima gwe gwonna, okumanya, kiki Katonda ky'ayagala kikolebwe. Kati, abasajja bano ab'amaanyi bwe bajja gy'ali ne bamugamba nti, "Balamu! Balaki kabaka atutumye gy'oli, ntinno ojje mangu gy'ali okolimire abantu bano Abaisiraeri, kubanga babunye wonna ku maaso g'ensi, era kati banneetoolozezza ensiisira zaabwe. Ate nga bamazeewo buli bwakabaka obubeetoolodde, nga babufufuggaza. Kale twagala ojje otukolimiririre abantu bano. Kubanga, nkitegeddeko nti ggwe bw'okolimira omuntu yenna, ddala aba akolimiddwa." Kati, mukiraba, yali musajja wa Katonda. "Ky'owa omukisa, kiba kya mukisa." Yali muweereza wa Katonda.

115 Awo Balamu n'alowooza, engeri gye yali nnabbi nti, "Waliwo ekintu kimu kyokka kye nnina okukola, era nga ekyo kwe kunoonya okumanya Katonda ky'ayagala kikolebwe."

116 Ogwo gwe mulimu gwa nnabbi, bw'aba nga yayitibwa okubeera nnabbi. Ekisooka, nnabbi ateekwa kukola ki? Kunoonya ekirina okukolebwa, kunoonya Kigambo kya Katonda. Ateekwa okukikola. Kubanga, nga bw'ali nnabbi, Ekigambo kya Katonda kijja gy'ali. Ba . . . Bagamba mbu, "Naye, ggwe tewasomerera bya ddiini." Bayibuli tegambangako nti Ekigambo kya Katonda kijja eri yasomerera bya ddiini. Ate abo bennyini be bakidibaga. Ekigambo kijja eri nnabbi wa Katonda.

117 Era wuuno omusajja eyali nnabbi wa Katonda. Era bwe yapangisibwa, bwe yapangisibwa, okugende akolimire abantu ba Katonda abalala, wekkaanye, yagenda anoonye kiki Katonda ky'ayagala kikolebwe. Era yayagala ategeere okwagala Kwe okutuukiridde, era Katonda n'amuwa okwagala Kwe okutuukiridde ku nsonga eyo. Okwagala Kwe okutuukiridde kwamutegeezebwa. Okwagala Kwe kwali kugamba kutya? "Togenda!" Ekyo kye Kigambo Katonda kye yasooka okwogera. "Togenda nabo. Togeza n'olumba abantu Bange, abatambulira mu makubo Gange agatuukiridde."

118 Ekyo nga ennaku zino kyawukana nnyo, we baagala okukaayana, n'okukuba empaka, na buli kimu kyonna, nga ate Omwoyo wa Katonda bamulaba nga akola mu makkati gammwe. Naye era bagezaako, bakigezezzaako okumala emyaka, okumuziyiza. Naye gye bakoma okugezaako okumuziyiza,

gy'Akoma okweyongera mu maanyi. Tosobola kukolimira Katonda ky'awadde mukisa. Tosobola kukikola. Tekisoboka.

119 Kati, mukiraba, abo baali bantu ba Katonda. Kati, nnabbi oyo, wadde nga yali ngulu eyo era nga apangisiddwa kabaka, nga akolera mu bakungu ab'ettutumu, n'abalala. Era Ekigambo kya Katonda kyajja gy'ali. Yanoonya okumanya Katonda ky'ayagala kikolebwe, era Katonda kye yali ayagala kikolebwe ne kimugambibwa, nti, "Togeza n'okolimira abantu bano. Nze nnabawa omukisa."

120 Kati tewaliiyo yasomerera bya ddiini yenna wansi w'eggulu ayinza kusambajja Bubaka buno bwe tubuulira, n'agamba nti Bwo si kye Kigambo kya Katonda kyennyini ekijjidde mu kiseera kyakyo ekituufu. Katonda abukakasizza mu byonna ebyogeddwa n'ebikoleddwa, era Abukakasizza okuba nti butuufu. Kale, tewali yasomerera bya ddiini yenna, tewali musomi wa Bayibuli yenna, tewali nnabbi yenna, ayinza kutunula mu Kigambo ekyo, bw'aba nga ddala nnabbi, ajja kulaba ekintu kye kimu. Naye bw'ataalabe kintu kye kimu, ekyo kiraga nti waliwo ekikyamu. Kubanga . . .

121 Oyinza okugamba nti, "Naye, nno, nsobola okukizza ne ku ludda luli olulala." Ne Balaki bw'atyo bwe yalowooza, manyanga Balamu. Olaba? Naye Katonda ye Musa gwe yakakasa.

Era kiki ekyali kikakasa? Kyali Kigambo kya Katonda. Era yawulira okusalawo kwa Katonda okutangaavu, okw'enkomeredde nti, "Togenda. Togeza oku—okukolimira be Nnawa omukisa. Abo bantu Bange."

Naye mumanyi? Okusooka kwa byonna, Balamu abantu abo yasangibwa tabaagala. Ha, nga kya . . . Ba Balamu bameka abali mu nsi leero! Ekibinja ekyo yali takyagalirako ddala, okusooka kwa byonna.

122 Kati, nga amaze okufuna okusalawo kwa Katonda okwenkomeredde nti, "Togenda," naye, olaba, mu kifo ky'okukola ekyo, kyali kintu kye kimu nga n'ekyali ku Kayini, ne ku Koola, yakwatibwa obuggya, n'a—n'ayagala, era ayiiyeewo ensonga emutwalayo, mu buli ngeri yonna.

123 Wekkaanye, ekitebe ekikulu eky'eddiini ye, nga amaze okubaanukula ku nsonga gye baamusaba, yabagamba nti, "Nedda, ssirowooza nga nnaaserengetayo. Ssirowooza nga abantu abo nnina kye nsobola okubakola. Abantu abo ssijja kukubaganya nabo birowoozo, kubanga Katonda amaze okuŋŋamba nti abo bantu Be, kale ssirowooza nga nnaagendayo." Ssinga ekyo kye yanywererako!

Naye, munda mu mutima gwe, yali tabaagala. Okiraba? Tebaali ba mu kibinja kye. Era buli kintu kyonna ekitaali kya mu kibinja kye, "okusinziira ku ye, kyabanga kikyamu." Olaba? Kye yava abanyooma, n'agamba nti, "Abantu abo balina ebintu

ebibi ebitayogerekeka bingi bye baakola. Mazima ddala Katonda omutukuvu abantu nga abo ateekwa buteekwa okubakolimira. Teba—tebaasoma. Si bayivu nga ffe. Ffe tuli bagezi okubasinga. Ha, bagamba mbu baweereza Katonda, naye, balabe, balimu makulu ki? Bali awo kibinja, kya, baddu buddu, basambi ba budongo, Abamisiri be baagoba okuva emmanga eri. Ddala, Katonda talina kintu ky'ayinza kukozesa kibinja kya bantu bakyafu bwe batyo!"

124 Yalemwa okulaba Olwazi luli olwase n'omusota guli ogw'ekikomo ekizigule, n'Empagi eyo ey'Omuliro. Yagezaako kubapimira ku ndaba ey'obuntu. Yalemwa okulaba okuyitibwa kwa Katonda okwa waggulu okwabaliko. Olw'ekisa, olw'okulondebwa, ebyo byombiriri bye byabagwanyiza okuba n'okuyitibwa okwo, nga kw'ogasse n'Ekigambo kya Katonda. Era bwe yayagala okubakolimira, Katonda n'amugamba nti, "Togeza n'okikola. Bange. Baveeko. Togeza n'obakwatako."

125 Kati, bw'atyo omusajja n'akyuka, n'addayo. Kati wekkaanye ekitebe ekikulu eky'eddiini ye, kye kyakola, bwe yaddayo. Baddamu ne bamutumira ekibinja ekyali kisingako okuba eky'ettutumu. Ku mulundi guno muyinza okuba nga mwalimu, mu kifo ky'okutuma abantu ba bulijjo bokka, kyandiba nga ku mulundi guno abakenkufu mu by'eddiini be bajja. Muyinza okuba mwalimu abalabirizi, ob'olyawo abakadde b'amasaza, kubanga bonna . . . Yamutumira e—e—ekibinja ekisingako obumanyi, era—era ekibinja ekisingako okuba n'ettutumu ku kiri ekyasooka, omwali abantu abalina ku buyigirize obusingako era abasobola okumulaga engeri ennungiko olukwe gye lunaakolebwamu, abasobola okumumatiza nti ky'agenda okukola kirimu amakulu.

126 Mukiraba, ekyo ne Kayini kye yakola; yakubaganya ebirowoozo. Ekyo Koola kye yakola; yakubaganya ebirowoozo. Akubaganya ebirowoozo si ye yeetaagisa.

"Tumenyawo okukubaganya ebirowoozo." Tukkiriza Katonda, si nsonga ekintu kyonna ekirala ka kibe nga kigamba kitya. Tukkiriza Katonda. Tetukubaganya birowoozo ku ekyo Katonda ky'aba agambye. Toyinza kukikubaganyaako birowoozo. Olina kukyaniriza bwaniriza na kukkiriza. Era buli kintu kyonna ky'omanyi, obeera teweetaaga kusigala nga okyakikubaganyaako ebirowoozo. Ssimanyi ngeri gy'Akikolamu; nzikiriza bukkiriza nti Akikola. Ssimanyi ngeri gy'Agenda kutuukirizaamu kisuubizo ekyo; naye Yagamba Ajja kukituukiriza. Era nkikkiriza. Nkyaniriza nga nsinziira ku musingi kwe nzikiririza nti kye Kigambo kya Katonda.

Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, tosobola kumalako nakyo." Ssimanyi bwe nnaamalako nakyo, naye Ye yaŋŋamba nti, "Kyogere."

Nzijukira omusumba wange Omubaputisiti bwe yaŋŋamba, nti, “Naye, Billy, ojja kukomekkereza nga obuulira eri mpagi za mu kkanisa. Ddala, olowooza waliwo omuntu yenna anaawuliriza ekintu ekiringa ekyo?”

Ne mmugamba nti, “Katonda bw’atyo bw’agambye.”

“Onaasobola otya, okusabira bakabaka, n’okubuulira okwetooloola ensi yonna, n’obuyigirize bwo obw’eky’omusanvu?”

127 Ne mmugamba nti, “Ssimanyi ngeri gye nnaakikolamu, naye, bw’Atyo bwe yagamba, era ekyo kimmala.” Olaba? “Bw’Atyo bwe yagamba. Ssimanyi bwe kinaakolebwa.”

N’ambuuza nti, “Ggwe olowooza abantu ab’omulembe guno, ogw’ekitalo ogusomye, abayivu b’ogenda okweŋŋanga, ku nsonga eno ey’okuwonya okuva eri Katonda n’ebirala, olowoooza ebyo banaabikkiriza?”

128 Ne mmugamba nti, “Ekyo si kyange okumanya oba nga bakikkiriza oba tebakikkiriza.” Ne ŋŋamba nti, “Ogwange gwa kukibuulira. Bw’atyo bwe Yaŋŋamba. Yaŋŋamba Ajja kubeera nange, era n’Aŋŋamba ne kye kinaakola.”

Era kikoledde ddala ekyo kyennyini kye Yagamba nti kye kirikola. “Ekisooka, onaabakwatanga ku mikono; ate ekiseera kirituuka n’otegeera n’ebyama by’omu mitima gyabwe.” Era ekyo nnakibabuulirako, era bwe kityo bwe kyatuukirira. Kikikola kitya? Na buli kati ssinnamanya ngeri gye kikikolamu. Si mulimu gwange okumanya engeri gye kikolebwamu; wabula kikolebwa bukolebwa.

129 Ani yali ayinza okukinnyonnyola Katonda bwe Yagamba Eriya nti, “Yambuka waggulu ku lusozi otuule eyo, Nange nnaakuliisanga. Ndagidde ba—bannamuŋŋoona okukuliisanga”? Nga nnamuŋŋoona asobola atya okwetikka ttoosi y’omugaati n’ekitundu—n’ekitundu ky’ekyennyanja, ekikaliriddwa, n’abireetera nnabbi? Ekyo kisukkulumye ekintu kyonna kye nnyinza okunnyonnyola. Ssirowooza nga naawe osobola okukinnyonnyola, oba omuntu omulala yenna. Naye Yakikola. Ekyo kye kyokka ekyali kyetaagisa. Yakikola, era ago ge mazima gaakyo.

Oba Yakikola atya, nange ssimanyi; ogwo ssi mulimu gwange. Naye Yakikola. Oba ensi Yagikola atya, nange ssimanyi; naye Yagikola. Oba Yatuma atya Omwana We, nange ssimanyi; naye Yakikola. Oba Yazuukira atya okuva mu bafu, nange ssimanyi; naye Yakikola. Oba Yandokola atya? Nange ssimanyi; naye Yakikola. Ky’ekyo. Oba Yakulokola atya? Ssiyinza kumanya; naye Yakikola. Oba Yamponya atya? Nange ssimanyi; naye Yakikola. Yasuubiza nti Alikikola, era Atuukiriza Ekigambo Kye.

Kati, ekyo Balamu yali ateekwa okuba nga akimanyi, era yali akimanyi bulungi.

130 Wekkaanye, ekibinja kino, ekisingako okuba eky'ettutumu, kyajja, naye kyali kisingako mu ngeri ki? Abaakirimu baalina ebirabo ebisingako. Ate si ekyo kyokka, naye baali basobola n'okumuwa ssente ezisingako obungi, nga basobola, n'okumuwa ekifo ekisingako obusava. "Kati, nga oggyeeko eky'okubeera omuweereza owa bulijjo mu kibiina kino, tujja kukufuula omulabirizi akulira disitulikiti yonna. Tokiraba? Ekyo, tujja—tujja kubaako ne kye tukukolera ssinga onaatugoberawo ekibinja ky'abantu abo, olaba, ebintu ebyo n'obikomya." Ha, baamugonnomolako ogufo ogusava. N'amugamba nti, "Gy'onookomya okuwa omukisa . . ." N'amugamba nti, "Okimanyi nga, nsobola okukukuza." Laba, ebigambo by'akozesa gy'abijja, wa mukulembeze wa ggwanga.

131 Ate ye Musa Ebigambo bye yabijjanga wa? Wa Kabaka w'Eggulu. Ekimu kyali Kigambo kya Katonda ekisuubize nti, "Ndibatwala mu nsi ensuubize, era tewali muntu yenna aliyinza okuyimirira mu maaso gammwe. Nndituma ennumba zibakulembere era zirigoba abalabe, okuva ku ddyo ne ku kkono. Era ensi muligirya. Nnamala okusu-. . . Nnamala dda okugibawa. Mugende mu maaso, mugitwale, mugirye; yammwe." Kati, mulaba, Musa yawulirizanga Oyo. Naye omusajja ono ye yagenda mu maaso nga awuliriza okutuusa obuggya lwe bwasituka mu mutima gwe, n'asituka n'agenda eri oyo amukulira mu by'eddiini. Mukiraba?

132 Wekkaanye, ekifo ekisingako obukulu. Yamubuuza nti, "Okimanyi nti nsobola okukukuza? Nja kukukuza nkuteeke mu kifo ekisingako obukulu. Nja kukukolera ebirala ebisingawo. Nja kukwongeza n'empeera. Nja kukwongeza omusaala." Era bino byonna bwe yabimugonnomolako, ne bimuziba amaaso.

133 Ba Balamu bameka abali mu nsi leero, abali bwe batyo, olw'ebifo ebisava, ekkanisa esingako obulungi, n'okusuubizibwa ekintu gundi! Omuntu bw'azibuka amaaso eri Ekigambo n'enkola ya Katonda . . . Omusajja oyo omulungi, ow'ettutumu, ajja kutandika nga muweereza wa Katonda, nga alina ekibiina ky'abagoberezi ekirungi. Oluvannyuma lw'akaseera, ajja kutegeezebwa ku kubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu; ajja kutegeezebwa ku kubatizibwa mu Linnya lya Yesu, ate nga kye Kyawandiikibwa bwe kigamba era y'engeri yokka ey'okubatizibwa eragirwa mu Byawandiikibwa. Naye bwe binaamutegeezebwa, ekibiina ky'eddiini mw'ava bwe bakitegeera nti bagenda kumufiirwa bw'anaatandika ebyo, bamugonnomolako ekifo ekisava n'okumusengula ne bamusengula n'atwalibwa aweerereze mu kkanisa ey'omu kitundu ekirala. Mulaba, ye nkola y'eki-Balamu eri ey'edda, nga ezzeemu nate, mu ngeri yennyini ddala era nga bwe kyali ku ntandikwa.

134 Kati, omusajja oyo asoma Bayibuli eyo, tasobola kugisoma n'atakiraba nti ago ge Mazima. Tewali muntu yenna yali abatiziddwa nga bakozesa bitiibwa bya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu." Eyo njigiriza ya Bakatuliki eyayiiyizibwa si Njigiriza ya Bayibuli. Tewali muntu yenna mu Bayibuli yabatiziwa mu ngeri eyo, okuggyako nga wamaze okuyitawo emyaka nga bisatu oluvannyuma lw'eyasembayo ku batume okufa, wabula bonna baabatizibwanga mu Linnya lya Yesu Kristo. Ekyo ekereziya Katolika ye yakitandikawo, olwo n'abasigadde bonna ne bajja nga bakikola bwe batyo. Era omuweereza yenna atuula mu wofiisi ye gy'asomera ne yekkaanya ensonga eyo, akimanyi bulungi nti ago ge Mazima, naye, olw'ettutumu, n'okutya okufiirwa ekifo kye, n'abantu okumulowoozaako obulungi, yekkiriranya.

"Naye," oyinza okuŋŋamba nti, "Katonda yamuwa omukisa."

135 Ddala bwe kiri, abamu ku bo balina ebirabo eby'okuwonya, abamu ku bo balina enkuŋŋaana ez'amaanyi. Naye era nga ekyo bakirabira ddala n'amaaso gaabwe, era nga bafunira ddala okuddibwamu kwe kumu okuva mu Kigambo kya Katonda nga okwo kwennyini ggwe oba omuntu omulala yenna kwe yandifunye. Katonda takyukakyuka. Mulaba kye ntegeeza?

136 Balamu, olw'ekifo ekisava, bw'atyo bwe yalowooza. Kati mulabeeyo, ekibinja kiri eky'abasingako ettutumu bwe kyakomawo, ekituufu. . . Balamu, wano, yeeyambisa ekyawandiikibwa mu butali bwesimbu. Mukiraba? N'agamba nti. . . E—ekibinja ky'abasingako ettutumu bwe kyakomawo, ya—yandibadde abagamba kimu nti, "Munve mu maaso! Mbabuulidde Ekigambo kya Katonda. Mugende! Kino kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA." Naye, olaba, olw'ebirabo ebyamusuubizibwa, n'okwagala okweyongera okubeera omusajja omututumufu ennyo!

137 Ha, ekyo nga baagala nnyo okukikola! "Tujja kukutuma mu nsi yonna. Tujja kukuwa ennyonyi ey'enjawulo. Tujja kusasuliranga enkuŋŋaana zo yonna gye zinaabeeranga ssinga onoo. . . " Ha, nedda. Uh-huh. Mukiraba?

Tumanyi Ekigambo kye kigamba. Tumanyi Katonda kye yayogera. Tugenda kunyweerera ku ekyo, nga Katonda atuyambye. Mukiraba? Ekisuubizo ka kibe nga kifaanana kitya, na mpeera esingawo etya gy'osobola okusasula, na byenkana wa ku *bino*, *ebyo*, oba *biri* by'oyinza—by'oyinza okukola; ffe twagala BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, ne kye Yayogera *Muno* okusooka.

"Naye, ate ekkanisa yagamba, 'Ekyo kijja luvannyuma.'"

Ffe twagala ekyo Katonda kye Yayogera ku lubereberye. "Era olw'ekintu kyonna ekigattibwa ku Kyo oba ekitoolebwa ku Kyo, n'erinnya lyo lyennyini liriggyibwa mu Kitabo

ky'Obulamu; olw'okwongerako ekigambo ekimu bwe kiti ku Kyo, oba okutoolako Ekigambo ekimu bwe kiti." Twagala ekyo kye Yayogera; so si ekkanisa ky'eyogera oba Dokita Jones ky'agamba, oba omuntu omulala ky'agamba. Twagala ekyo BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA ky'agamba, Ekigambo kye kigamba.

138 Naye kati tulaba Balamu, omuweereza wa Katonda. Ate bangi ku basajja abo batandika, nga ddala baayawulibwa Katonda, era nga boogera Ekigambo kya Katonda mu bintu bingi; naye bwe gutuuka ku Mazima agajjudde, tebagakola.

139 Wekkaanye wano, nga nnabbi wa Katonda, n'eky'okusooka, yandibadde tasangibwa nga ali mu kibinja kya bantu abafaaanana bwe batyo. Teyalina kugenda nabo. Naye, wekkaanye, olw'ettutumu, olaba, olw'okuba yali tayagala kimulumirize, kye yava agamba nti, "Kale, musigale wano ekiro kyonna, nja kuddamu ngezeeko." Mukiraba, "Nja kuddamu ngezeeko"? Nga lwaki oddamu okugezaako?

140 Katonda yali yamugambye dda eky'okwogera. Katonda yali amugambye nti, "Bagambe nti tojja kugenda." Ekyo kye Kigambo Kye ekyasooka. "Ssijja kugenda. 'Naawe togenda. Tokolimira kye Nnawa mukisa.'" Kati wekkaanye engeri gye byamutabukira, nga wayise akaseera. Olaba? Era bijja kutabuka, buli kiseera. Katonda bw'ayogera ekintu kyonna, aba Akitegeeza. Takyusa ndowooza Ye ku kyo. Anywerera ku Kigambo Kye. Omuntu yenna k'ayogere ki, Ye asigala ku Kigambo ekyo.

141 Kati, Balamu yali ateekwa okuba nga amanyi ekituufu eky'okukola. Yalina okwekutula ku bantu abafaanana bwe batyo. Naye olw'ebirabo ebyo byonna ebirungi n'ekisuubizo kabaka ono kye yamusuubiza, n'amugamba nti, "Omanyi bulungi nga nsobola okukikola. Nze mulabirizi. Nsobola okukola buli kye njagala okukola, era nja kukukuza ssinga onajja n'okinkolera."

So nga Katonda yali amaze okumugamba nti, "Tokikola."

142 Naye ye Balamu n'agenda mu maaso n'abagamba nti, "Mmwe, musule wano ekiro kya leero, nja—nja kuddamu ngezeeko."

Mukiraba, Ekigambo yali asangiddwa nga akirina. Teweetaaga kuddamu kukikubaganyaako birowoozo. Katonda yamaze dda okukyogera. Bw'obeera n'abantu bwe batyo, bulijjo bakuwugula okuva ku kukola Katonda by'ayagala, ssinga obawuliriza.

143 Lumu, waliwo ekibinja ekyajja eri nnabbi, eyali ayitibwa Yobu. Tebaasobola kumumatiza. Yalaba okwolesebwa. Ekituufu yali akimanyi.

Balamu okwolesebwa yakulaba, naye era Ekigambo n'atakinywererako.

144 Ekibinja ky'ab'omu kkanisa ye ne bwe baayogera ebyenkana wa mbu, "Ha, Yobu, olina kukola *kino*, olina kukola *kiri*." Nga kw'otadde ne mukyala we yennyini, yamugamba nti, "Oyogera nga omuntu omusirusiru." Olaba? "Mmanyi Mukama kye yagamba. Mmanyi kye yali Yeetaaga, era ekyo kye nkoze." Olaba, yanyweerera ku ekyo Katonda kye yali yamugamba.

145 Wekkaanye, Balamu nga akozesa ekyawandiikibwa mu butali bwesimbu asobole okubikkirira ekyali kimulumiriza. Olaba? Yagamba nti, "Kale, nja—nja kukizuula. Nja kugezaako omulundi omulala." Kaakati, ekyo kye kiddako, bw'owaliriza ne weebuuza ogw'okubiri. Ba Balamu bameka be tulina akawungeezi ka leero, abaagala okunyoola ekyawandiikibwa ekyo ekya Matayo 28:19 okusobola okwewala okulumirizibwa kwabwe? Bameka abaagala okunyoola Malaki 4 nga beewala okulumirizibwa? Bameka abaagala okunyoola Lukka 17:30 nga beewala okulumirizibwa? Bameka abaagala okunyoola ebintu bino, nga bagamba nti, "Naye, leka nkubuulire, nzi—nzikiriza Ekyo bonna baakitabula"?

146 Ne Balamu wuuno wano nga agezaako okugamba mbu, "Oba oli awo Katonda ekyo si kye yabadde agenderedde okwogera. Nja kuddamu ngezeeko, ndabe, ndabe ddala kye Yagambye." Kati jjukira nti, amanyi omutima gwo. Wekkaanye, Balamu yakozesa ekyawandiikibwa kino mu butali bwesimbu asobole okwewala okulumirizibwa, kubanga, eky'amazima, ssente ezo yali azaagala. Ekitiibwa ekyo yali akyagala. Yali abyagala. Omulimu ogwo yali agwagala. Ogufo ogwo yali agwagala, abeere nga ayogerwako, nga Dokita *Gundi*. Kye yava aga—aga—agamba nti, "Nja kuddamu ngezeeko."

147 Ha, nga waliwo ba Balamu abayitirivu mu nsi akawungeezi kano, basuubiziddwa agafo, ettutumu! Ha, bannange! Ebyo bye bibaviirako emitima gyabwe okuba nga tegikyalumirizibwa. Olw'ebibiina byabwe eby'amadiini, bibagamba nti, "*Ekyo* k'ogeza n'okikola, nga ofuluma. Mmanyi oli musajja mulungi, era tukwagala," ate nga ddala musajja mulungi, "tukwagala. Naye ebyo tosobola kubibuulira wano. Enji—enjigiriza eyaffe egamba nti tosobola kukikola. Dokita *Gundi* yagamba kiri bwe kiti. N'olwekyo olina kukikkiriza bw'oti, bw'oba wa kusigala naffe. Kati, bw'onaaba oyagadde, mmanyi embeera tekubeeredde nnyangu, naye, nja kulaba bwe ssiisobole kukukuza, waakiri tunaakusindika oweereze mu kkanisa endala." O, Balamu ggwe! Bw'otegeera Katonda ky'ayagala kikolebwe, kikole! Katonda tagenda kukyusa ndowooza Ye. Nedda.

148 Yanoonya engeri gye yeebulankanya, Amazima n'agabuusa amaaso, asobole okufuna empeera ye eyamusuubizibwa.

N'agamba nti, "Kale, nja—nja kuddamu ngezeeko." Mwekkaanye ba Balamu bameka be tulina ennaku zino.

149 Kale kati mujjukire nti, bwe yakomawo ekiro eky'okubiri, nga ali n'abantu bano abatutumufu, nga ebirowoozo bye byamaze dda okusannyalala n'okukakanyala, Katonda yamala gamuleka n'agenda. Kati, Katonda teyakyusa ndowooza Ye, wabula Yamala gamulekerayo n'amuwa okwagala Kwe okwajja olw'okuwaliriza. "Kale genda." Naye n'akizuula nti tekijja kukola.

150 Katonda yali amanyi ekiri mu mutima gwa Balamu. Newankubadde yali nnabbi, Ye yali akimanyi nti abatukuvu abo abeevulunga yali abakyawa, era ya—era yali . . . ya—yali agenda kubakolimira, mu buli ngeri. Kyokka Katonda yamugamba nti takikola, naye ye yali azze, nga ayagala, era akikole, bw'atyo Katonda n'amala gamulekerayo agende mu maaso. Katonda n'amugamba nti, "Genda mu maaso." Kati, jjukira nti, Ye teyakyusa ndowooza Ye.

151 Wekkaanye, kwali kuyaayaana kwe okubakolimira. Abantu abo be yateeka mu ttuluba ly'abazoole, yali ayagala abakolimire. Yali yeenoonyeza kifo. Yali tayagala kubazannyisa, kale yalowooza nti ssinga anaasobola okukolera kabaka ekikolwa kino ekitonotono, nti anaakuzibwa. Katonda teyakyusa ku ndowooza Ye wadde Ekigambo Kye.

Naye Ajja kukuwa okuyaayaana kw'omutima gwe, kw'omutima gwo. Ekyo Yakisuubiza. Ekyo mukimanyi? Yasuubiza okukuwa ebyo omutima gwo bye guyaayaanira. N'olwekyo leka okuyaayaana kwo kubeere ekyo Ekigambo kya Katonda kye kigamba. Leka okuyaayaana kwo kubeere kukola ebyo by'Ayagala, so si ggwe by'oyagala. Wabula Ye by'ayagala! Bw'Aba . . . Bw'obaako ne ky'omusaba, n'Atakikuwa, gamba nti, "Weebale, Mukama. Ggwe omanyi ekisinga obulungi."

152 Tunuulira ne ku mulundi gwa Kabaka Keezeekiya, bwe Yamutumira nnabbi oyo agende gy'ali, Katonda bwe yamutuma, n'amugamba nti, "Teekateeka ennyumba yo. Ogenda kufa."

Keezeekiya yakyusiza amaaso ge eri ekisenge n'akaaba nnyo amaziga, n'agamba nti, "Mukama Katonda, nku—nkusaba ondowoozeeko. Ntambulidde mu maaso Go n'omutima ogwatuukirira. Njagala Onzikirize mpangaaleyo emyaka emirala kkumi n'etaano."

153 "Kale." Katonda kwe kwogera eri nnabbi, nti, "Ddayo omugambe nti Mmuwulidde."

Naye kiki kye yakola? Yaleeta ekivume ku ggwanga lyonna. Yabuubuusa ekiruyi kya Katonda kaabula kata n'okumutta amutte. Ky'ekyo kyennyini. Ekyo mukimanyi. Yagwa n'ava ku Katonda. Kyandibadde kisingako, nnyo ddala obulungi, eri

eggwanga, eri ye nga kabaka, n'abalala bonna, ssinga yagenda mu maaso n'ekyo Katonda kye Yamusookezaako.

Naye kyalabika nga kikalubo eri nnabbi, bwe yali nga alina okuddayo okumugamba Ekigambo kya Katonda, oluvannyuma lw'ebyo bye yali amaze okumugamba. Naye Katonda n'amugamba nti, "Ddayo." Naye, olaba, kyaleeta kivume.

154 Balamu kiki kye yakola? Oluvannyuma lw'okutegeera Katonda kye yali ayagala kikolebwe, naye n'awaliriza, amale gakikola, mu buli ngeri. Naye kyakola ki? Wekkaanye. Tekyakyusa ku ndowooza Ye. Yali amanyi ekiri mu mutima gwe.

155 Omanyi, lumu, Tomasi yagaana okukikkiriza. Nedda, ya—yagamba nti, "Nedda, ssiyinza kukikkiriza. Ssinga nzirira olugalo lwange ne nduteeka mu mbiriizi Ze, oba ne nduteeka mu bituli by'emisumaali ebiri mu bibatu Bye, kale, awo nno, nja—nja kukkiriza."

N'amugamba nti, "Jangu wano, Tomasi. Olaba? Kati sonseka wano engalo zo."

Kati, ha, Tomasi n'agamba kati, "Ddala ye ggwe Mukama wange era Katonda wange."

156 N'amugamba nti, "Weewaawo, ggwe omaze kulabako, ky'ovudde okikkiriza. Naye empeera y'abo abakkiriza nga tebasoose kulabako terisingawo nnyo!"

Ebiseera ebimu abantu tebaagala kufuna Mwoyo Mutukuvu okuggyako nga bamaze kwogera mu nnimi. Weewaawo, nzikiririza mu kwogera ennimi. Ye ye Katonda omulungi; Ajja kukuwa ekyo omutima gwo kye guyaayaanira. Naye k'obeere nga oyogera mu nnimi okwenkana wa, naye nga Ekigambo kino bye kyogera obisambajja, osigala oli mukyamu. Okiraba? Labayo, toyingiramu lwa kwogera mu nnimi. Oyingiramu lwa kugondera buli katundu ku Kigambo. Obwo bwe bukakafu obwoleka nti wafuna Omwoyo Omutukuvu, bw'okkiriza Ekigambo kya Katonda. Okiraba?

157 Nzikiririza mu kwogera ennimi. Nzikiriza nti osobola okukkibwako amaanyi, nga bwe nnagambye enkya ya leero, okutuusa lw'oyogera mu lulimi olupya. Nze kennyini, kyali kintuuseeko, era mmanyi nga Mazima. Mmanyi nga kituufu. Naye ako si ke kabonero, akakakasa nti, oli mwana wa Katonda eyalondebwa. Olaba? Nedda, n'akatono. Tagambangako nti . . .

"Bangi balijja Gyendi nga bagamba nti, 'Mukama wange, ssaalagula era ne nkola n'ebintu bino byonna eby'ekitalo mu Linnya Lyo?' Alibagamba nti, 'Muve Wendi, mmwe abaakola eby'obujeemu, n'okubamanya ssibamanyangako.'"

158 N'oyogera mu nnimi ate n'ogaana okubatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo? Wabaawo ekitali kituufu awantu awamu.

Mazima, ddala; ka kibeere ekimu ku bintu ebyo, ebimu ku biragiro ebyo Katonda bye yawa. Wabaawo ekitali kituufu. Kebera bukebezi okulumirizibwa kwo, olabe kiki—olabe kiki Bayibuli ky'egamba. Ndagaayo awantu wonna omuntu we yabatizibwa mu Linnya lya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu." Olaba? Tewaliiyo. Naye, olaba, ebiseera ebimu olw'okwewala okutwala amazima, ogamba nti, "Naye . . . "

Ogamba nti, "Katonda ayogera eri abakazi ku ngeri gye balina okweyisaamu, obutayambalanga mpale nnyimpi n'ebirala, naye, omanyi, omusumba yagamba nti . . . " Bwe batyo ne batwala ekyo ekitabakaluubiriza.

159 Bamanyi Katonda kye yakyogerako Wano. Olaba? Ddala, bw'atyo Katonda bwe yayogera.

Naye era, ba—ba—baagala bakikole. Bagezaako okunoonya eky'okwekwasa. "Naye, nze ndowooza kisingako. Ki—teki . . . Empewo tekuntira . . . " Yee.

Naye Katonda yagamba nti ennyambala y'omusajja ebeere ya njawulo ku y'omukazi. "Omukazi bw'ayambala ekyambalo ky'omusajja, kya muzizo mu maaso Ge." N'olwekyo si kituufu, weewaawo, era tosaanye kukikola. Nedda. Okiraba? Kale, n'olwekyo, kikyamu.

160 Naye, olaba, bagezaako okunoonya eky'okwekwasa, mbu, "Kino Mukama ye yaŋŋambye nkikole." Ssiwakana nti teyakugambye, naye, labayo, okwo si kwe kwagala Kwe okutuukiridde. Kuteekwa kuba nga kwagala Kwe okuwaliriziddwa. Olaba kye kugenda okukola? Kujja kwonoona ekibiina kyonna. Kwayonoona olusiisira lwonna.

161 Wekkaanye wano, Katonda teyakyusa ndowooza Ye, Ekigambo Kye. Naye Ye Katonda omulungi, era Ajja kukuwa omutima gwo kye guyaayaanira, newankubadde nga kikontana ne ky'Ayagala kikolebwe. Ekyo mukikkiriza?

Labayo, Katonda yagamba Musa nti, "Sserengeta emmanga eri," nnabbi ono eyafukibwako amafuta. Yamugamba nti, "Sserengeta emmanga eri oyogere eri olwazi olwo." Lwakubibwa dda.

162 Musa n'aserengetayo nga yenna ajjudde obusungu, n'atoola omuggo, n'agamba nti, "Bajeemu mmwe, ffe tunaabaggyiranga amazzi mu lwazi luno?" n'akuba olwazi. Amazzi ne gatajja. N'addamu n'alukuba; ne gajja. Kyali kikontana n'ekyo Katonda kye yali ayagala kikolebwe. Kyakontana na buli ntegeka yonna eri mu Bayibuli; Kristo aba yalina okukubwa omulundi ogw'okubiri. Mukiraba? Kristo yakubwa omulundi gumu. Kyakontana n'entegeka yonna. Naye Yamuwa okwagala Kwe okuwaliriziddwa. Bwe yamala, n'abagamba, nti, "Mulabeeyo, tubafunidde amazzi. Gaago, ngabaleetedde, bajeemu mmwe!"

163 Katonda n'amugamba nti, "Jangu wano, Musa. Jangu wano. Yambuka waggulu eno ku ntikko . . . Obadde muweereza mwesigwa." (Nga omukazi bw'ayinza okukangabala mu ngatto eza kakondo, "Olinnye," labayo.) "Tunula emitala. Ensi ensuubize ogirengera?"

"O Mukama!"

"Naye ggwe tolisomoka kugendayo. Kiri kye wakoze wakikoze kubanga Nnamaze gakulekerayo, emmanga wano ku Lwazi. Ggwe weegulumizza, olaba, sso ssi Nze. Ggwe weetukuzza. So tewatukuzza Nze. Tewakuumye Kigambo Kyange kye nnakulagidde kukola, mu kusooka." Kyokka nga ate, go amazzi okujja gajja.

Osobola okussa emikono ku balwadde ne bawona. Osobola okuwa obunnabbi, oba okwogera mu nnimi. Naye, ekikulu kiri nti, kwata Ekigambo Kye eky'olubereberye! Katonda takyusa ndowooza Ye, mukwano gwange. Olina okukuuma ekiragiro Kye, okukola by'Ayagala.

"Ha, naye, ebyo byali bya bayigirizwa."

164 Ye takyuka. Bw'Aba akyalina abayigirizwa, kitegeeza n'okutumibwa okwo kukyali kwe kumu. "Mugende mu nsi yonna mubuulire Enjiri. Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza." Tekikyukanga. Tayinza kukyuka.

Kati, oyinza okugamba nti, "Naye nno, leka nkubuulire, ebyo si bya nnaku zino." O, ggwe omugoberezi wa Balamu! Olaba? Labayo, Katonda takyuka. Ye omu jjo, leero, n'emirembe gyonna.

165 Ggwe laba bano abagoberezi ba Balamu ab'ennaku zino. "O, nkimanyi, nga mu Bayibuli baabatizanga mu Linnya lya Yesu, naye, labayo, abantu bonna . . . "

Ssifaayo ku biki abantu bye bakoze. "Tewali Linnya ddala wansi w'Eggulu eryaweebwa abantu mw'oyinza okulokolerwa." "Tewali kuggyibwako bibi, okuggyako okuyita mu Linnya lya Yesu Kristo mwokka." Kyonna ky'oli, oba oli mulungi otya, oba biki by'okola, byonna tebikirinaako kakwate konna. Kirina kuba Kigambo kya Katonda ekyasooka; Ekyo ky'olina okunyweererako. Wuuu! Kale.

166 "Okugondera Ekigambo Kye kisinga ssaddaaka." Mujjukira omulundi guli Sawulo bwe yakomawo.

167 Balamu yalina ekirabo eky'okukkiriza era yali asobola okukikozesa bulungi ddala, nga Ekigambo kya Katonda ekyasookera ddala bwe kyali kimugambye.

N'abasajja bangi abali mu mulimu gw'enjiri ennaku zino, abalina ebirabo eby'okuwonya, basobola okukola ekintu kye kimu. Abasajja bangi wano, abantu aboogera mu nnimi, abantu abalagula, abalina ekirabo, basobola okubikozesa ku lw'Obwakabaka bwa Katonda, naye tebakikola. Batwala . . .

Naye era Katonda, n'amala gabawa omukisa, n'amala gabalekerayo. Naye olw'ettutumu, n'amasanyu, okwekkusa, baatunda obusika bwabwe, nga Esawu bwe yakola, mukiraba, ne beetunda eri ebibiina ebitambulira ku nkola ez'obuntu. Beetunda, nga Balamu bwe yakola. Mulaba?

Bangi nnyo ennaku zino abakola ekintu kye kimu. Ekyo tumanyi nga ddala bwe kiri. Batunda obusika bwabwe. Huh! Abakazi abagamba mbu balina Omwoyo Omutukuvu, nga bambala empale ennyimpi; abasajja ne babakkiriza okubeera mu bituuti, abakazi abakomola enviiri zaabwe bali mu bituuti; abeetonyetonye ne langi mu maaso, nga bambadde n'amaganduula g'eddiini. Kye kyesittaza ekikyasinzeeyo mu ebyo ekkanisa bye yali ebadde nabyo.

168 Mu by'obufuzi, bw'oba oyagala okumanya, kiseera ki ekiriwo mu biro by'obwakabaka, tunuulira wa Abayudaaya we batuuse. Tunuulira Abayudaaya bwe bali, kubanga eryo ggwanga eryetongodde. Bw'oba oyagala okumanya amawanga bwe gayimiridde, weetegereze Abayudaaya.

Bw'oba oyagala okumanya wa ekkanisa w'etuuse, weetegereze abakazi. Tunuulira empisa z'abakazi, kubanga omukazi kye kifaananyi ekiraga ekkanisa bw'efaanana. Bw'olaba obwonoonefu mu bakazi, osanga obwonoonefu mu kkanisa. Omukazi, afuuse Yezebeeri eyeetonyeetonye ne langi, era n'ekkanisa ky'ekyo kyennyini ky'efuuse. Olaba? Kati, ago ge mazima, era ekyo mukimanyi. Mukiraba? Bwe muba mwagala okumanya wa ekkanisa w'etuuse, mutunuulire empisa eziri mu bakazi bammwe. Kubanga, ekyo ky'eri, ekkanisa mukazi.

Bw'oba oyagala okumanya embeera ensi mw'etuuse, tunuulira Bayudaaya.

169 Wekkaanye, nga Katonda bwe yagamba Balamu, nga amaze okuwulira okusalawo okwali okw'enkomeredde, Ekigambo nti, "Togenda." Weewaawo, oluvannyuma ate Yamugamba, nga Amaze okulaba ekiri mu—mu mutima gwe, kye gwali gumaliridde okukola; n'Amuwa okwagala Kwe okwajja olw'okumuwaliriza, kye Yava amugamba nti, "Genda."

170 Naawe osobola okukola ekintu kye kimu. Bw'oba toyagala kutambulira mu Mazima, osobola okugenda n'obeera—n'obeera n'obuweereza obw'ekitalo. Ddala, osobola. Wabula obeera otutte kwagala Kwe okujja olw'okumuwaliriza n'amala gakulekerayo. Obeera olinnyirira Kigambo Kye. Ddala, Ajja kukuleka otuuke ku ebyo by'oyagala okutuukako. E . . .

Era nga bwe Yakola Balamu. Bye yakolanga byayitangamu, wabula teyasobola kukolimira bantu bali. Kyamulema okukola. Kubanga, buli lwe yatandikanga okukolima, yabawanga buwi mukisa. Okiraba, kyamulema. Naye bwe gwatuuka ku kukulaakulana mu bye yakola, ddala abantu abo yabayigiriza, nga ayita mu Balaki, yabayigiriza okwenda. Yabayingiza mu

lusiisira lwa Isiraeri n'abaleetera okubawasa, nga agamba mbu, "Ndaba, ffe bamu. Kubanga, musinza Katonda y'omu. Tulina nnabbi engulu eno, nammwe mulina nnabbi emmanga eyo. Era tulina ssaddaaka y'emu, tulina Yakuwa y'omu owa bajjajjaffe. Kati, lwaki mwenna temujja ne mutwegattako ne tukolaganira wamu?"

Bayibuli egamba nti, "Temwegattanga n'abatakkiriza. Temugezanga n'akatono, okwesibagana nabo. Bwe baba nga Ekyo tebakikkiriza, mubeewale." Olaba? "Mubaveemu, mweyawule," bw'ayogera Mukama, "Nange nnaabasembeza." Mukiraba? "Temukwata ku bintu byabwe ebitali birongoofu." Bwe kiri. Obwonoonefu bwabwe obukontana n'Ekigambo, n'ebintu ebifaanana bwe bityo, mubyewale. Temubiwuliriza.

171 Era wano tukizuula nti Balamu yaserengeta n'agendayo n'atandika okuyigiriza abantu, wabula nga yalina ensobi ekyamya. Era ya—yakola ebintu mu ngeri ye nga Balamu, mu ngeri gye yabikolamu, n'ayigiriza Balaki, n'abaana ba Isiraeri ne bagwa mu bwenzi. Bw'atyo kawumpuli n'akuba eggwanga lya Isiraeri, abantu, era nkumi na nkumi ku bo ne bafa mu lunaku lumu.

Era baba bakyali awo bonna wamu, mu maaso g'ekyoto kya Katonda, nga basaba, ne wajja omusajja Omuyisiraeri nga ali n'omukazi Omumidiyaani, omukazi ow'omu bibiina by'amadiini, ne bayingira mu weema. Awo mutabani wa kabona n'asembera ku weema mwe baali, n'abasogga effumu n'abatta bombi. Era ekyo kye kyayimiriza obusungu bwa Katonda. Mukimanyi nti Ekyawandiikibwa bwe kityo bwe kigamba. Si bwe kiri? Mukiraba?

172 Naye kiki ekyabaawo? Balamu, yasobola okunafuya Isiraeri. Kiki kye yakola? Yanafuya olusiisira lwabwe. Katonda yamuleka n'agenda anafuya olusiisira lwabwe, era ekyo kyayonoona olusiisira lwonna.

Na bwe kityo bwe wabaawo enjigiriza esituka, nga si Mazima ga Bayibuli, eyonoona olusiisira lwonna. Omuntu bw'asituka nga alina endowooza ey'enjawulo, okufaananako ne Koola, n'agamba nti, "Naye, *kino, ekyo*, na *kiri,* nze kati nnina ekirowoozo eky'enjawulo," ekyo kyonoona olusiisira lwonna. Era ky'ekyo ekyonoonye olusiisira lw'ekkanisa lwonna leero. Bwe kiri.

173 Engeri gye yayigirizanga, nga anafuya olusiisira lwonna olw'e Kadesubanea, awaali okusoomooza kw'Ekigambo. Bwe baatuuka e Kadesubanea, awo, olusiisira we lwanafuyira. Baakomawo. Baali bamaze n'okusukka . . .

Mujjukire nti, baalya emmere ya bamalayika. Baalina Ekigambo kya Katonda, nga kirabisibwa mu maaso gaabwe, buli kiro. Era emmere eyo baagiryanga. Banywanga okuva mu lwazi. Ebyamagero byonna, baali babirabye. Baatunuuliranga

Musa, ne balaba bye yabagambanga, ne balaba obunnabbi bwe yabawanga, na buli kimu.

Naye kati oluvannyuma lw'ebyo byonna bwe baawuliriza omuyigiriza ono ow'obulimba, eyajja mu makkati gaabwe n'abayigiriza ebikyamu, yanafuya olusiisira, era mu kukikola n'akikulaakulaniramu.

Yandiba nga yazimba ebizimbe bya bukadde bwa ddoola. Yandiba nga yalina ebibiina by'amadiini ebinene. Yandiba nga yeeyongerako abagoberezi nkumi emirundi nkumi, n'akola emirimu egitayogerekeka, n'emirimu egy'amaanyi, ate yali na nnabbi. Ebyo tebirina kabi konna, naye, kasita bibeera nga tebikwatagana na Kigambo kya Katonda, kisingako n'obyewala.

Katonda takyusa ndowooza Ye. Nywerera ku Kigambo Kye, kubanga ku nkomerero ekyo kye kirisigalawo, Ekigambo, Kigambo ku Kigambo. "Oyo yenna alikitoolako yadde Ekigambo ekimu kiti, oba alyongerako ekigambo ekimu kiti ku Kyo!" Kirina kusigala, nga Kigambo ekyo.

174 Kaakano muwulirize n'obwegendereza kati. Ekiseera ky'Ekigambo okubagezesa bwe kyatuuka, bwe baasomoka ne balaba nga okuziyizibwa okuboolekedde kunene nnyo, okuziyizibwa okwo okwali kukyasinze obunene kwe baali batalabangako, kwali kw'Abamaleki abaali—abaali babasinga obunene emirundi kkumi. Ne bagamba nti, "Ffe tulabika nga mayanzi buyanzi. Enkomera zaabwe, manyanga ebibuga byabwe byetooloddwa ebisenge ebigazi ennyo basobola n'okubivugirako amagaali g'embalaasi, ennyiriri bbiri ez'amagaali g'embalaasi, nga geetooloola, waggulu ku bisenge by'ebibuga byabwe, olaba, nga zifubutuka emisinde egya yiriyiri. Ate, n'amafumu gaabwe mawanvu gakoma eri, obuwanvu. Era bannaggwano. Eky'amazima, ffe tulabika nga mayanzi buyanzi. Tetusobola kubawangula."

Naye abasajja babiri ne bayimirira ku Kigambo ekyo, Kalebu ne Yoswa, ne babagamba nti, "Mulindeeko! Mmwe abantu obukadde obubiri musooke musirikeko. Tusobolera ddala n'okukirawo okukikola. Mulabeeyo, tubasingira wala amaanyi."

Kiki kye baali beesigamyeko? Katonda yali yagamba nti, "Ensi ngibawadde. Yammwe." Kw'ekyo kwe baayimirira. Naye abantu baali baamala okubafumbiza, nga ebimu ku ebyo mwe baabafumbiza, by'ebiyiiye eby'enjigiriza eza buli ngeri n'emikolo egya buli ngeri, nga bafuuse banafu, abatakyesobola, abatamanyi wa kulaga yadde eky'okukola. Ky'ekyo. Awo Ekigambo we kyajjira ne kibagezesa.

175 Kyokka nga, Akuleka n'okikola, akuleka n'okola nga bw'oyagala, n'amala gakulekerayo, nga akimanyi nti . . . Wabula, nga Ye amanyi ekiri mu mutima gwo.

Oyinza okuŋŋamba nti, "Naye, Ow'oluganda Branham, nze nkola *kino-na-kiri*. Naye tewali kinnumiriza yadde. Katonda buli lunaku ampa omukisa. Nnyimbira mu Mwoyo. Nzinira mu Mwoyo. Ngira . . . " Ajja kukulekerayo. Genda mu maaso. Tewali buzibu. Naye onaamaliriza okoze ki?

176 "Nze nnyambala empale ennyimpi, ne nkola ne *kino*. Naye siba na kulumirizibwa kwonna nti bikyamu. Nkimanyi nti okukkiriza kwange kuli mu Kristo, so si mu bye nnyambala."

Naye, Bayibuli egamba nti ky'oyambala kikulu. Okiraba? Onaamaliriza okoze ki? Ojja kuleeta ekyesittaza, nga Balamu bwe yakola, nga eky'okulabirako eri abakazi bali abalala bonna. Bawala bammwe abato munaaba mubawadde kya kulabirako ki? Mujja kuba na kibinja kya ba Ricketta, ky'ekyo kyennyini, kibinja kya bu Yezebeeri obwetonyeetonye ne langi. Mukiraba?

177 Naye ate Katonda ajja kukulaakulanya by'okola. "Naye ate, Ampa omukisa." Ekyo ssikibuusabuusa. Ne Balamu, Yagumuwa. Okiraba? Ddala Ajja kugukuwa. Ojja kubeera otambulira mu kwagala Kwe okuzze olw'okuwaliriza n'amala gakulekerayo, so si mu kwagala Kwe okutuukiridde kw'ayagala otambuliremu. Katonda okuba nga akuwa omukisa, tekitegeeza nti Akyusa endowooza Ye.

Yawa Isiraeri omukisa nga bali eyo okumala emyaka amakumi ana mirambirira. Biki bye baakola? Baawasa abakazi, ne bakola amaka, ne banywegera abaana, ne basasula ekimu eky'ekkumi kyabwe, ne batambuliza eyo obulamu. Era Katonda n'abaweerayo omukisa eyo mu ddungu, n'abaliisa emmaanu, n'ebirala n'ebirala. Naye bonna baazikirira, kubanga tebaagondera kwagala Kwe kuli okwasooka, ne bamuwaliriza . . . Okwagala Kwe okwasooka, Ekigambo Kye. Baasalawo kutwala kwagala Kwe okwajja olw'okumuwaliriza.

178 Naawe genda mu maaso, naye, jjukira nti, bwe baava e Kadesu, tebaasobola kweyongerayo mu maaso. Baatandika kwetooloola bwetooloozi, mu ddungu. Kyokka nga awo we baali batuuse, mu nnaku bbiri zokka okuva awo, bandibadde batuuse mu nsi ensuubize. Naye baatambulira emyaka amakumi ana, bonna ne bafa okuggyako Yoswa ne Kalebu, abo bokka abaanywerera ku Kigambo kiri ekyasooka.

179 Ayi Katonda, tuyambe. Katonda takyusa mu ekyo ky'ayagala kikolebwe. Endowooza Ye tagikyusa, wabula gwo omukisa Ajja kugukuwa.

Mazima ddala, Yawa Balamu omukisa. Naye kiki kye yakola emmanga eyo? Olusiisira lwonna yalwonoona. Okiraba, olina kusigala ku kye Yagamba. Entegeka Ye eyasooka tagikyusangako.

180 Kati mulabe ba Balamu b'ennaku zino, abali mu buweereza, mubekkaanye. Mwetoolooze amaaso buli wamu. Bakulaakulana

mu bye bakola, boogera mu nnimi, mazima ddala, nga eno bwe bakozesa ekirabo kya Katonda okufunamu amagoba, na buli kimu, ddala. Naye ekyo kyonoona ekkanisa ya Katonda yonna ne bagicaafuwaza n'enjigiriza zaabwe enkyamu. Bwe kiri.

Waliwo omu eyambuuza, mbu, "Lwaki okola *bw'oti*? Lwaki okola *bw'otyo*?"

Ne mmubuuza nti, "Ggwe tokkiriza nti Ago ge Mazima?"

181 "Weewaawo, ge mazima. Naye," n'agamba nti, "nkubuulire? Ggwe ebyo tebikukwatako. Ggwe omulimu gwo gwa kusabira balwadde. Abantu abo bakkiriza nti oli nnabbi. N'olwekyo, abakazi abo wandibadde obayigiriza engeri, n'abasajja abo, engeri y'okukolamu *kino*, *ekyo* ne *kiri*."

"Oyinza otya okubayigiriza ekibalo ekikalubo nga n'ennyukuta zaabwe ezisookerwako eza ABC zikyabalemye okuyiga? Huh? Huh? Oyinza otya okubayigiriza ebintu ebyo nga n'ebisookerwako okuyiga okuwandiika bikyabalemye okuyiga?" Olaba? Olina okuddayo otandikire we wasookera, manyanga we wawabira, otwale buli Kigambo kya Katonda kyonna.

182 Ggwe tunula olabe ekiri mu buweereza ennaku zino. Nga Balamu bwe yafumbiza mu kkanisa ya Katonda, omwenzi, nga bwe yafumbiza omwenzi mu kkanisa ya Katonda, bwe batyo ne bano abayigiriza ab'obulimba bwe bagezaako okubagamba. Bajja kufumbiza ebibiina by'amadiini bino byonna n'abantu ababirimu eri omwenzi oli ow'omu Kubikkulirwa 17. Enjigiriza yaabwe eya Balamu egenda ebuna wonna nga bagamba, mbunno, "Ffenna tuli be bamu. Ffenna tuli Bakristaayo." Era bakabona ne ba ppaapa, n'abalala bonna, bali mu kwekkiriranya nga bwe bakola kino.

183 Omubuulizi omu yagamba nti . . .Mmanyiiyo n'omubuulizi Omupentekoote, bonna, kati baatandika okuliisa abagoberezi akagaati akeetooloovu. Nga ekigambo ekyo, *Ashtoreth*, kitegeeza "lubaale-mwezi," ge makulu g'akagaati ako akeetooloovu. Bakugamba nti, "Bw'oba otya nti kanaakukola bubi, zibirira buzibirizi okamire." Zibirira? Akagaati ako akeetooloovu, kategeeza ki? Ffe tulya mubiri ogwabetentebwa, Yesu Kristo, eyabetentebwa; so si lubaale-mwezi omwetooloovu, Ashtoreth, oyo mu kifo kye mwe baateeka biikira Maria. Naye akagaati k'Ekirooma ako kakyali keetooloovu, nga kakiikirira lubaale-mwezi, lubaale omukazi, si lubaale omusajja. Ffe gwe tulya gwe mugaati omubetente, ddala. Ha!

184 Kale kati omwenzi omukulu ow'omu Kubikkulirwa 17, abayigiriza ba Balamu bano n'enjigiriza zaabwe enkyamu, ekkanisa bali mu kugifumbiza mu muvuyo ogufaanana bwe gutyo. Mwekkaanye bwe kirituuka ku kwolekanya obwanga okw'omunnaku ez'enkomerero, mulabe obunafu bwakyo bwe bwenkana kati. Ebibiina by'amadiini lwenda n'omusobyo, nga ekimu kisika kizza eri, n'ekirala kisika kizza eno. Mu byo temuli

bumu. Wabula bagezaako okuleeta obumu; obutawagirwa na Kigambo kya Katonda, entegeka ya Katonda eyasooka. Wabula babukola beeyambisa bya bufuzi na bibiina ebigunje ebitambulira ku nkola ey'obuntu.

Katonda takyusa ndowooza Ye. Asigala na Kigambo Kye. Yagamba nti, "Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ekigambo Kyange tekiriggwaawo." Bwe kiri. Asigala ku Kigambo Kye ekyasooka. Ha, bannange!

185 Newankubadde Ekyo bakyakiwakanya, era nga bwe baakola edda, era . . . Eky'okukola kiri kimu kyokka. Tajja kukikyusa. Kkiriza bukkiriza. Kubanga, eggulu n'ensi byombi biriggwaawo; naye Ekigambo Kye tekiriremererwa. Mukiraba?

186 Mulaba kye mugenda okwefumbizaamu? Mulaba eby'obufuzi n'ebirala, bwe bagezaako okugatta awamu ekkanisa nga bakozesa eby'obufuzi mu kkanisa? Eby'obufuzi si bye bitugatta ku Kristo.

Tugattibwa ku Kkanisa, ku Kristo, nga tuyita mu kubatizibwa n'Omwoyo Omutukuvu. Era kw'omanyira okubatizibwa kw'Omwoyo Omutukuvu, kwe kubeera nti Omwoyo oyo mu ggwe akakasa buli Kigambo kya Katonda okuba nti ge Mazima. Bwe kiri. "Kubanga oyo yenna alitoolako wadde Ekigambo ekimu bwe kiti ku Ekyo, oba alyongerako wadde ekigambo ekimu ku Kyo, omugabo gwe guliggyibwa mu Kitabo ky'Obulamu."

187 Naye ate, "Akulaakulanya," bwe mutyo bwe mugamba. Toyinza Ekyo kukikkiriza nga okyesigamya ku kukulaakulana. Katonda tomumanyira ku nkulaakulana. Ensi ekulaakulanya. Yakulaakulanya Balamu.

Naye, ow'oluganda, Katonda omumanya kusinziira ku Kigambo Kye. Akuuma Ekigambo Kye era Akyoleka okuba nga ge Mazima. N'olwekyo, jjukira, mukwano gwange, nga okyali mulamu, kino tokyerabiranga: Katonda takyusa ndowooza Ye. So nga ate, gwo omukisa Ajja kugukuwa. Ajja kukulekerayo ogende olw'okwagala Kwe okujja olw'okumuwaliriza, naye Tajja kukyusa ndowooza Ye. Tajja kukyusa ntegeka Ye. Tajja kukyusa Kigambo Kye, ku lulwo. Nedda, ssebo.

Ggwe olina okukyuka. Toyinza kuddira Kigambo kya Katonda n'oyagala kye kiba kipimirwa ku bumanyirivu bwo; obumanyirivu bwo bwe bulina okupimirwa ku Kigambo kya Katonda. Okiraba? Bw'otyo bw'olina oku . . .

Oyinza okugamba nti, "Naye, ndi muntu mulungi. Katonda ankolera *kino*, *ekyo* ne *kiri*." Naye okwata Ekigambo Kye? "Ha, eky'amazima, nkubuulire, ekyo kyo si . . . Nedda." Kati, awo waliwo ekitali kituufu. Katonda ajja kuku . . . Weewaawo, Ajja kukulaakulanya mu by'okola. Ddala, Ajja kukufuula . . .

188 Ebibiina by'amadiini bikulaakulanye awatali kkomo! Basimba zi weema zaabwe, balina amakanisa amayooyoote, amatiribona, na buli kimu, mu ggwanga lyonna. Bagagga, ssente ziva buli wamu, ne bammemba beeyongera okuva buli wamu. Bayibuli teyagamba nti, "Mu ye mwasangibwamu obugagga bw'omu nsi yonna, n'emmeeme z'abantu," n'ebirala byonna, ebyasangibwa mu mwenzi ono ow'edda, nga oyo ye nnyina waabyo byonna, eby'obufuzi n'ebibiina ebigunje eby'obuntu?

189 Naye akabiina ka Katonda ye Mugole We, nga asimbiddwa ku Kigambo ekyo. Nsaba Kitaffe omwagalwa ow'omu Ggulu abakuumirenga awo wennyini muleme okusagaasagana. Temuvanga ku Kigambo ekyo.

Oyinza okuwa omukisa, oyinza . . . Katonda ayinza okuwonya omulwadde wo. Ayinza okuwonya omwana wo omulwadde. Ayinza okuwonya balo, oba mukyala wo. Ayinza okuwonya maama wo, oba omuntu omulala. Oyinza okubuuka olw'Omwoyo We, n'ozina amazina n'obuukabuuka.

Jjukira nti, enkuba etonnya ku balungi ne ku babi, mu ngeri y'emu. Naye ensigo eyo bw'eba nga mweri munda, ku bibiri eba yayawulibwa oba nga teyayawulibwa. Era bw'eba nga yayawulibwa, esobola . . . Bw'eba ŋŋaano, eteekwa okubala eŋŋaano. Bw'eba Kigambo kya Katonda, erina okubala Kigambo kya Katonda. Bw'eba si ky'eri, era, si ky'eri. Mukiraba? Kati mukitegeera?

190 Mukama abawe omukisa. Kati nnabagambye ŋŋenda kumala ku ssaawa ssatu, naye kati ziizino, ebula abiri okuwera ennya. Bangi ku mmwe, mulina eŋŋendo mpanvu ez'okutambula. Mbaagala. Era ensonga lwaki mbalwisaawo bwenti, si lwa kubanga njagala kubakambuwalira, wabula lwa kuba mbaagala. Era ku bye mmanyi, ssirina n'ekimu kye nneesigaliza; Amazima ngababuulira.

191 Ebweru eri mu nkuŋŋaana ze ŋŋendamu, tolimpulira nga mbuulirayo Obubaka bwe buti. Nedda, nnabasuubiza, nti nja kujjanga mu kkuŋŋaaniro lino. Wano wennyini Obubaka bwange we mbubuulirira. Nninayo obulala wano bwa mirundi nga esatu oba ena, Mukama bw'ampadde, Ebyawandiikibwa ebibukwatako mbirina, bwe ssisobola kubuulira walala wonna okuggyako wano wokka. Wano Ekigambo kya Katonda we kyasinziira ne kiryoka kifuluma ebweru. Era, okutuusa nga Katonda y'akikyusizza, nja kusigala wano wennyini mbubuulirenga nga nsinziira wano. Ky'ekyo.

Ebweru mu nkuŋŋaana, nsabira abalwadde, n'ebirala bwe bityo; nga, eno ku mabbali, bwe mbaako ne bye njogera nga mbiyita ku ngulu, endiga zisobole okubiwulira. Zitegeera kye byogerako. Mu ngeri endala, biri bibeera nkwaso ku ddobo, mukiraba. Ndaga obubonero obw'oku—obw'okugezaako okulaga nti Katonda amanyi, okuyita mu kutegeera eby'obuziba

ebiri mu mutima, era nti amanyi emitima gy'abantu, era nti ebintu bino y'abikola. Ekyo kirabo kya njiri ey'ebweru, kusiikuula mitima gya bantu.

Bagenda okwejjuukiriza, nga olutambi lugguse mu maka gaabwe. Oyo, olwo nga alufunye. Bw'aba ndiga, nga lumuggyayo. Bw'aba mbuzi, alusuula busuuzi wabweru. Uh-huh. [Ow'oluganda Ben Bryant agamba nti, "Naawe, nga akukasuka ebweru."—Omuk.] Mukiraba, ekyo . . . "Naawe, nga akukasuka ebweru," bwe kiri, Ben. Ekyo, ddala bwe kiri. Ben ekyo kyali kimutuuseeko. Kale. Kati, ddala bwe kiri.

192 Temuli basanyufu okuba nti muli Babe? Temuli basanyufu? Edda, twateranga okuyimba akayimba k'Ekipentekoote, akagamba nti:

Ndi musanyufu nnyo okuba nti Mukama yanzigyayo;
Ndi musanyufu nnyo okuba nti Mukama yanzigyayo;
Taba kuba Yesu, nnandibadde wa nze?
Ndi musanyufu nnyo okuba nti Mukama yanzigyayo.

O, mbadde musanyufu okuva Mukama lwe yanzigyayo;
Mbadde musanyufu okuva Mukama lwe yanzigyayo;
Taba kuba Yesu, nnandibadde wa nze?
Ndi musanyufu nnyo okuva Mukama lwe yanzigyayo.

Mbadde ndeekaana okuva Mukama lwe yanzigyayo;
Mbadde ndeekaana okuva Mukama lwe yanzigyayo;
Taba kuba Yesu, o, nnandibadde wa nze?
Ndi musanyufu nnyo okuba nti Mukama yanzigyayo.

Ekitiibwa! Ggwe toli musanyufu?

Toli musanyufu . . .

Leka tuluyimbe.

Toli musanyufu okuba nti Mukama yakugyayo?
Toli musanyufu okuba nti Mukama yakugyayo?
Taba kuba Yesu, o, nnandibadde wa nze?
Ndi musanyufu nnyo okuba nti Mukama yanzigyayo.

Kale, mbadde nnyimba okuva Mukama lwe yanzigyayo;
Mbadde nnyimba okuva Mukama lwe yanzigyayo;
Taba kuba Yesu, o, nnandibadde wa nze?
Ndi musanyufu nnyo okuba nti Mukama yanzigyayo.

Mmwe tekibasanyusa? Kale *Tujja Kutambulira Mu Musana*. Oluyimba olwo mulumanyi?

Tujja kutambulira mu Musana, Musana omulungi,
Gwakira awali amatondo g'okusaasira agatangalijja;
Gwaka okutwetooloola emisana n'ekiro,
O, Yesu, Omusana gw'ensi.

Ekyo temukyagala? Leka tuddemu tuluyimbe.

Tujja kutambulira mu Musana, Musana omulungi,
Gwakira awali amatondo g'okusaasira agatangalijja;
Gwaka okutwetooloola emisana n'ekiro,
O, Yesu, Omusana gw'ensi.

Enjuba evuddeyo!

Mwe mwenna abatukuvu b'Omusana mulangirire,
Yesu, Omusana gw'ensi;
Amazima n'okusaasira biri mu Linnya Lye,
Yesu, Omusana gw'e . . .

Kati leka tuyimuse emikono gyaffe nga bwe tuluyimba.

O, tujja kutambulira mu Musana guno, Musana omuyitirivu obulungi,
Gwakira awali amatondo g'okusaasira agatangalijja;
Gwaka okutwetooloola emisana n'ekiro,
Yesu, Omusana gw'ensi.

Mukwataganeeko mu ngalo.

O, Gwakira awali amatondo g'okusaasira agatangalijja.

Temuli basanyufu okuba nti muli baana ba Musana? Omwana atuviiriddeyo.

. . . okutwetooloola emisana n'ekiro,

"Abaana abato, mwagalanenga."

O, tujja kutambulira mu Musana, Musana omuyitirivu obulungi . . . (Kulabisibwa kw'Ekigambo Kye.)
Gwakira awali amatondo g'okusaasira agatangalijja,
Nga gwaka okutwetooloola emisana n'ekiro,
Ye Yesu, Omusana gw'ensi.

Mwenna mukikkiriza?

Tukumba tugenda mu Sayuuni,
Sayuuni ekirungi, ekirungi;
Tukumba nga twambuka mu Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda kiri ekirungi.

O, tukumba nga tugenda mu Sayuuni,

Leka abo bagaane okuyimba
Abatamanyanga Katonda waffe;
Naye abaana ba Kabaka ow'Eggulu,
Era abaana ba Kabaka ow'Eggulu bokka,
Era leka be baba baatula essanyu lyabwe wonna,
Leka be baba baatula essanyu lyabwe wonna.

Kubanga tukumba . . . (Ekitiibwa!)
Sayuuni ekirungi, ekirungi;
O, tukumba nga twambuka mu Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda kiri ekirungi.

O, tukumba tugenda mu Sayuuni,
O, Sayuuni ekirungi, ekirungi;
Tukumba nga twambuka mu Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda kiri ekirungi.

193 Ggyayo akatambaala ko. Mujjeeyo obutambaala bwammwe, mu ddakiika nga emu. Leka tuwe Mukama ekiweebwayo eky'okumuwuubira. Si kirimba, naye baatwalanga ebiremba n'ebintu ebirala okuva ku mubiri gwa Pawulo, mukiraba.

O, tukumba tugenda mu Sayuuni,
O, Sayuuni ekirungi, ekirungi;
Tukumba nga twambuka mu Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda kiri ekirungi.

O, tukumba tugenda mu Sayuuni,
O, Sayuuni ekirungi, ekirungi;
Tukumba nga twambuka mu Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda kiri ekirungi.

194 Amiina! O, tekibaleetera kuwulira bulungi? Nkubamu akafaananyi nga ndaba abatukuvu bali ab'edda, nga tebannatwalibwa mu kisaawe ky'Abaruumi, ne batandika okwambuka akasozi ako, ku mugguukiriro, nga balinnya awayingirirwa mu bunnya bw'empologoma, nga bagamba nti:

O, tukumba tugenda mu Sayuuni,
Sayuuni kino ekirungi, ekirungi;
Tukumba nga twambuka mu Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda kiri ekirungi.

Ennimiro za Sayuuni zibala
Ebibala lukumi ebiwooma
Awo nga tetunnatuuka ku Ntebe ey'obwakabaka ey'Eggulu,
Awo nga tetunnatuuka ku Ntebe ey'obwakabaka ey'Eggulu,
Wadde okutambulira ku nguudo eza zaabu,
Wadde okutambulira ku nguudo eza zaabu.

Tukumba tugenda mu Sayuuni,
Sayuuni kye kirungi, ekirungi;
Tukumba nga twambuka mu Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda kiri ekirungi.

195 Muddeemu bye njogera:

Mukama Katonda, nneeyama bupya gy'Oli. Nnongoosa onzigyemu obutali butuukirivu bwonna. Nnongoosa onzigyemu okubuusabuusa kwonna mu Kigambo Kyo. Nsobozesa, okuva ku Paasika eno, mbeere ekitonde ekiggya mu Kristo Yesu. Leka ntwalenga, mu mutima gwange, Ekigambo Kyo. Leka Kibeere Ettabaaza eri ebigere byange enaamulisanga ekkubo lyange. Okuva leero okweyongerayo nnaakugobereranga. Mu Linnya lya Yesu. Amiina.

Tukumba tugenda mu Sayuuni,
Sayuuni ekirungi, ekirungi;
Tukumba nga twambuka mu Sayuuni,
Ekibuga kya Katonda kiri ekirungi.

196 Ekyo tekibaleetera kuwulira bulungi? Tuzzeemu buto okweyama, nga tumanyi nti mu mitima gyaffe tulamusiddwa okuva mu kufa, ne tufuulibwa abalamu. Ekyo tekibaleetera okuwulira obulungi? Bannange, ha, bannange! Mbaagala, n'okwagala okutafa.

Muwulirize. "Mwagalanenga. Kubanga toyinza kukyawa muganda wo, gw'olabako, ate n'ogamba nti oyagala Katonda, gw'otolabangako." Mukiraba? Kale mwagalanenga.

Era, buli omu bw'anaaweereza munne, munaaba muweereza Katonda. Si bwe kiri? "Kye mukola eri abato bano abalina Amaanyi agaleeta obulamu mu bo, muba mukikoledde Nze."

"Twakulaba ddi nga Oli mu bwetaavu? Twakukyalira ddi nga Oli mu kkomera? Ebintu bino twabikola ddi?"

"Ebyo bye mwabakolera, mwabikolera Nze."

197 Ekyo si kirungi nnyo? Mmwagala, mmwe temumwagala?

198 Ha, wakyaliwo oluyimba olulala lumu lwe tulina okuyimba, bwe muba mukyaalinayo akadde nga ka ddakiika emu. Ha, kale, zonna tujja kuziyimba. Kale. Kale, ssebo. O! *Twalanga Erinnya lya Yesu*. Ekyo temukyerabira, ab'emikwano. Leka ffenna tuluyimbe kaakano. Buli omu, kaakano ffenna wamu, n'omutima gumu ogw'amaanyi, leka tulumuyimbire. Tuyimbe, na buli kimu ekiri mu ffe.

Twalanga Erinnya lya Yesu,
Ggwe omwana ow'ennaku n'okunyolwa;
Linaakuwanga essanyu era likugumye,
Litwalenga buli gy'ogenda yonna.

Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu;
Erinnya ery'omuwendo, O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

199 Kati mujjukire, munsabire nga emiyaga gy'okuyigganyizibwa gikunta, nga emizimu gyewera ku buli ludda, nja kujjukiranga nti munsabira oba misana oba kiro, era nange nja kuba mbasabira.

Muyimirire n'omusumba wammwe omulungi, Ow'oluganda Neville, n'omuyambi we, Ow'oluganda Capps. Mubawulirizenga. Bajja kubayigiriza Ekigambo ky'Obulamu. Ekyo nkikkiriza. Ssinga mbadde ssikikkiriza, ddala ssandibadde nabo wano. Ddala ssandikikoze. Nzikiriza nti Obubaka babukkiriza, era bayimirira nabwo okusinziira nga bwe bamanyi, era bombi mbalinamu obwesige. Munywerere wamu nabo. N'ab'oluganda bano abalala, abali wano bwe babeera n'enkuŋŋaana zaabwe, abaayimiridde wano akawungeezi kano, bw'oba obeera ku muliraano n'ewaabwe, yimirira nabo. Mwawulidde ekyabaleese wano, akawungeezi ka leero.

Twalanga Erinnya lya Yesu,
Nga Engabo eri buli kyambika; (Wulira kino.)
Ebikemo bwe bikwetooloola,
Yatula bwatuzi Erinnya eryo Ettukuvu mu kusaba.

Erinnya ery'omuwendo, (Erinnya ery'omuwendo!) O, nga ddungi! (O, nga ddungi!)
Lye suubi ly'e . . .

Ayi Katonda omwagalwa, wonya abantu bano. Nkusaba, Kitaffe, mu Linnya lya Yesu. Kikole, ayi Mukama, bwe nsaba.

. . . O nga ddungi!
Lye ssuubi ly'ensi era essanyu ly'Eggulu.

Okutuusa lwe tulisisinkana! Okutuusa lwe tulisisinkana!
Okutuusa lwe tulisisinkana ku bigere gya Yesu;
Okutuusa lwe tulisisinkana! Okutuusa lwe tulisisinkana!
Katonda abeere naawe okutuusa lwe tuliddamu okusisinkana.

Leka tukoteke emitwe gyaffe kati.

[Ow'oluganda Branham amuumuunya oluyimba *Katonda Abeere Naawe*—Omuk.] Ayi Katonda, beera naffe. Tuyambe, ayi Mukama.

. . .lwe tulisisinkana ku bigere bya Yesu! (Okutuusa lwe tulisisinkana!)
Okutuusa lwe tulisisinkana! Okutuusa lwe tulisisinkana!
Katonda abeere naawe okutuusa lwe tuliddamu okusisinkana.

200 Okwo ddala kwe kusaba kwange. Okutuusa lwe tuliddamu nate okusisinkana, Katonda abawe omukisa! Era kati ŋŋenda kusaba muganda waffe omwagalwa Ow'oluganda Neville asiibule ekibiina kino ekirungi.

Katonda abaagala, buli omu ku mmwe. Ndi musanyufu nnyo okubeera n'abantu nga mmwe mwenna. Obubaka bwange bwandibadde butya ssinga ssaalina bantu babukkiriza? Naye wano waliwo abantu, abasobola n'okubufiirira, Obubaka buno bwe twafuna. Nsaba Katonda abayambe, buli omu ku mmwe. Essaala zange zigenda nammwe. Emikisa gyange gigenda na buli omu ku mmwe. Temwerabiranga nti muli kitundu ku kuzuukira kuli. Amaanyi ago agaleeta obulamu kaakano gali mu mmwe. Byonna biri ntende. Oli mwana wa Katonda.

Leka tukoteke emitwe gyaffe, okutuusa Ow'oluganda Neville lw'anaatusiibula. Era Katonda abawe omukisa.

Katonda Waliwokko Lw'Akyusa
Endowooza Ye Ku Kigambo Kye? LUG65-0418E
(Does God Ever Change His Mind About His Word?)

Obubaka buno obwabuulirwa Ow'oluganda William Marrion Branham, bwabuulirwa mu Lungereza ku Ssande akawungeezi, nga 18 Apuli, 1965, mu Kkuŋŋaaniro lya Branham e Jeffersonville, Indiana, mu Amerika, buggyiddwa ku lutambi olwa kkaseti ne bukubibwa mu Lungereza nga tebukyusiddwamu. Buno obuvvuunuddwa mu Luganda bwakubibwa era ne busaasaanyizibwa aba Voice Of God Recordings.

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS
P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.
www.branham.org